# *Okulumbibwa Kw'Eggwanga Ly'Amerika*

. . . oluusi bw'atyo Mukama bw'aba ayagadde ebintu ebimu okubaawo. Twagenda e Denver, gye buvuddeko katono, era ne tukomawo. Nzikiriza nnandyagadde okubawa alipoota, ekwata ku lukuŋŋaana bwe lwali: Lwe lumu ku nkuŋŋaana ezikyasinzeeyo okuba ennungi ze nnaabadde nazo mu myaka egiyise. Twalina ekiseera ekirungi ennyo ddala. Waaliwo abantu abakunukkiriza mu nkumi ebbiri abaawaayo emitima gyabwe eri Kristo, ng'oggyeeko abaafuna okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, ng'oggyeeko obubonero n'ebyewuunyo eby'ekitalo Mukama waffe omwagalwa bye yakola mu makkati g'abantu abaali mu Denver. Twafuna okufukibwako okw'ekitalo, wamu n'okukuŋŋaana kwa nnamungi w'abantu. Twatandika n'abantu nga enkumi ttaano, mu kusooka. Era twali mu kifo ekiyitibwa Mammoth Gardens. Naye we twawereza ekiro eky'okusatu, nga tewakyaliwo yadde ekifo abantu we bayinza okuyimirira. Twafuna akaseera akalungi ddala, okumala ebiro ebyo ebitaano.

2 Bwe twavaayo, ne tugenda e Canada, omulenzi wamu nange. Ne twambuka waggulu mu nsozi, ne wajja omuyaga ogwalimu omuzira. Ndowooza mwaguwulira, ku leediyo zammwe. Era gwafiiramu abantu nga kikumi mu kinaana mu munaana. Era tetwasobola kweyongerayo olw'okwetuuma kw'omuzira okumala—okumala—okumala ennaku eziwerako, twali waggulu eyo mu nsozi. N'olukuŋŋaana lwaffe ne lutuyitako, kale twalina, kati okusooka okukomawo eka, nga tetunnaddamu kweyongerayo walala. Kale tukkiriza nti ebyo byonna Katonda bw'atyo bwe yayagala bibeewo, lusobole okubeera o—olukuŋŋaana olulungi okusinga ku bwe lwandibadde, ob'olyawo n'olw'ensonga endala. Alina kye yali atutegekedde ffe kye tutamanyi.

3 Tutambulira mu nsi ekutte ekizikiza, naye ffe tetuli mu kizikiza. Tugoberera bugoberezi, nga Omusana bwe gutambula, olwo ffe ne tugoberera Omusana.

4 Era Kitaffe ow'omu Ggulu ob'olyawo alina kye yalina ffe kye tutamanyi. Wayinza okuba waaliwo akabi mu maaso eyo. Oba, era, Ayinza okuba alina gwe yali ayagala okuyingiza munda. Olaba, Katonda asobola okukola ku muntu omu bw'atyo; n'Atabangula eggwanga lyonna ku lw'omuntu oyo omu, okusobola okumuyingiza munda. Kale n'olw'ekyo tumanyi nti byonna byaliwo olw'ekitiibwa kya Katonda ekirungi. Era ekyo tukimwebaliza, wamu n'olw'okutukuuma. Era waaliwo bangi,

be. . .

5 Nze ne Billy waliwo be twayamba okubaleetako, ku luguudo n'ebintu ebirala bwe bityo, abantu abaali bagudde ku kabenje. Naye ne tutuuka awatali mutawaana gwonna. Twawugukako katono okuva ku kkubo omulundi gumu, naye ekyo kyabaawo okumala akaseera katono. Waliwo omusajja eyajja, okuva ku faamu emu n'atusikayo ne tulakita. Nga emmotoka eseerera buseerezi; waali waseerera okukamala.

6 Kale kyali kimu ku bintu ebyali birudde okubaawo. . . nga tebasobola, abantu b'omu kitundu ekyo tebajjukira kuba nti baali babaddeko n'omuyaga bwe gutyo, mu kitundu ekyo, mu kiseera ekyo eky'omwaka, mu kibuga Roundup, mu Montana. Kale twali. . . Tukimanyi nti ekintu bwe kityo eky'enkukunala okubaawo, mu ngeri emu Mukama waffe yakirinamu omukono Gwe. Kyaliwo lwa kigendererwa, kyaliwo ku lwa—ku lwa bulungi bwaffe. Kyaliwo ku lwa bulungi bwaffe, y'ensonga lwaki kyabaawo.

7 Bwentyo nnakubira Ow'oluganda Neville, nga nkomyewo, ne mmugamba nti, "Ku Ssande nja kuba nkomyewo eka. Kale—kale bw'oba wandyagadde, nzije ob'olyawo mbuulire olukuŋŋaana olukulu olwa Ssande, kale, sikirinaamu buzibu." Ne ŋŋamba nti, "Kale n'a. . . n'asanyuka nnyo okukikola."

8 N'aŋŋamba nti, "Ddala, weewaawo, Ow'oluganda Bill." N'agamba nti, "Bulijjo tuba basanyufu nnyo ggwe okujja," n'omutima omuggule n'okunnyaniriza, bw'atyo. Era yakiranze ne ku pulogulaamu ye eya leediyo olunaku lwa jjo. Kale tuli basanyufu nnyo olw'ebintu bino byonna.

9 Kale enkya ya leero, kati, nga bwe luli Lunaku lwa Maama. Abantu abasinga obungi, mujja kuwulira obubaka obukwata ku Lunaku lwa Maama, n'abantu nga boogera ku maama, kye ndowooza nti kirungi nnyo. Naye ekyo nja kukirekera ekitundu ekisigaddeyo eky'olukuŋŋaana.

10 Enkya ya leero nnalangiridde, nti, e—eky'okuyigako ekigamba nti *Okulumbibwa Kw'Eggwanga Ly'Amerika,* nga ekyo kye nnayagadde okwogerako. Kubanga, kiri ob'olyawo mwakiwulidde ku leediyo zammwe, era mujja kwongera okuwulira nga kyogerwako olwa leero. Era ob'olyawo, wajja kubaawo n'obubaka obukwata ku Lunaku lwa Maama, akawungeezi ka leero mu nkuŋŋaana. Kale nnalowoozezza nti, enkya ya leero, leka nnangirire nti nja kubuulira, "ku—ku kulumbibwa."

11 Nnakwogerako mu Denver, wano, naye si mu ngeri yennyini gye njagala okukwogerako enkya ya leero, Katonda bw'anaaba ayagadde. Era, kwa, twalina akaseera akalungi ennyo ddala. Mukama yatuwa omukisa mu ngeri ey'ekitalo. Ebiseera ebimu kirina engeri gye kituwa. . .

12 Oluusi, twetaaga okunyeenyezebwamukko, okusobola okutegeera kye kitegeeza, si bwe kiri? Era tusaba Katonda akikole.

13 Ate, n’ekirala, eri gye twali, bwe twamaliriza . . . Abasajja Abasuubuzi ab’omu Denver be baateeka ssente mu lukuŋŋaana olwo, era kwali kuvuggirira kwa njawulo ku kwe nnali nfunye.

14 Era bulijjo, abaweereza, bwe bateeka ssente mu lukuŋŋaana, obagamba . . . “Mwalulangiridde?” “Weewaawo, eri ekkanisa.” We bakoma. Abo be basumba; babeera baagala ekisibo kyabwe kitegeere nti waliwo olukuŋŋaana. Ekyo wewaawo ddala kirungi. Obwo bwe buvunaanyizibwa bwabwe.

15 Naye Abasajja Abasuubuzi baakikola mu ngeri ya njawulomukko. Baali baagala ensi yonna ekitegeere nti waliwo olukuŋŋaana, kale basaasaanya kyenkana ddoola nga enkumi ssatu oba nnya mu kuteeka ebirango ku bbaasi ez’ebyana ebingi ezikozesa amasannyalaze, n’emmotoka za sipensulo, ne ku bbampa z’emmotoka, na buli wamu wonna. Twalina akaseera akalungi ddala.

16 Olukuŋŋaana bwe lwaggwa, ne banziza ku bbali, ne bambuuza nti, “Ow’oluganda Branham, kati tuyinza kukukolera ki? Kiki ky’otubanja?”

17 Ne mbagamba nti, “Ate, ki kye mbabanja, tewali.” Ne ŋŋamba nti, “Sirina kintu kyonna kye mbabanja.” Ne mbagamba nti, “Mpozzi, musobola okusasula ebisale byange ebya woteeri, emmanga wano, bwe muba musobola.”

18 “Ha, twandyagadde okubaako ne kye tukukolera.” Era baali tebayinza . . . Nnali sisobola kubaako kye ntwala okuva gye bali.

19 Maneja kye yava abayita n’abazza ku bbali. N’abagamba nti, “Kye mmanyi ayagala nnyo okuyigga n’okuloba ebyennyanja, si bwe kiri?”

N’agamba nti, “Weewaawo.”

20 Kati omu ku basajja abasuubuzi yalina faamu erudda eyo, kye yava agamba nti, “Ekyo kye ŋŋenda okumuwa nga ekirabo.”

21 Kale, Mw. Moore n’agendayo okugiraba. Yalina okwetoloola okumala mayiro nga asatu mu ttaano, nga ali ku mbalaasi. Ne ŋŋamba . . . Mw. Moore n’agamba nti, “Nnandyagadde okulaba Mwannyinaffe Branham nga atudde ku mbalaasi, alambula ffaamu eyo.” Kale ye, ba, ne . . .

22 Naye, kati, ekyo bwe kyaggwa, balina ekifo ekirala gye baagenda mu Silver Plume, mu Colorado. Kati kino kirina kuba ku ludda luno eno. Kale baagulayo faamu entonotono, ne banzimbirako amaka ga bisenge bitaano gye . . . mu kabuga ka Silver Plume, mu Colorado, ekiri wakati eyo mu nsozi. Kale, eri mmwe abavubi, ndowooza kaseera kalungi, n’olwekyo kijja kuba kifo kirungi okuwummuliramu, nga enkuŋŋaana

ziwedde n'ebirala, Katonda bw'anaaba akkirizza. Ekyo kiri gy'Ali, mukiraba.

23 Kati njagala ebirowoozo byaffe tubisse ku Kigambo. Era njagala nnyo Ekigambo, Ekigambo kya Katonda ekiramu. Kyo, mu Kigambo munda mulimu Obulamu. Kati, "Ekigambo, ennyukuta, etta, wabula Omwoyo y'awa Obulamu." Era Obulamu buli mu Kigambo, kubanga kye Kigambo kya Katonda. Obulamu buli mu Kigambo Kyabwo.

Kiringa singa nkugamba nti, "Nkuwadde . . . "

24 Singa oŋŋamba nti, "Enjala ennuma, enkya ya leero, Ow'oluganda Branham. Osobola okumpaayo doola ttaano?"

25 Ne nkugamba nti, "Ŋŋenda kuzikuwa." Kati, mu ekyo mulimu obulamu bwe bumu ddala n'obuli mu kisuubizo kyange.

26 Bwe kityo bwe kiri n'eri Katonda. Katonda bw'abaako ekintu kyonna ky'asuubiza, kati Katonda ky'ali, E . . . Ateekwa okuba mu Kigambo Kye. Mukiraba? Ekigambo kino tekyawukana na . . . Ekigambo kino kye kimu ne Katonda. Ye Katonda.

27 Ekigambo kyo ky'ekyo ky'oli. Bwe bweyamo bwo; bwe tutyo bwe twakiyitanga. Obweyamo bwo kye kigambo kyo. Bwe tuba tetusobola kutwala kigambo kyo, mba ssisobola kukwesiga. Naye bwe mba nsobola okwesiga ekigambo kyo ku nsonga yonna, kitegeeza oli muntu assibwamu ekitiibwa.

28 Era Bayibuli egamba nti, "Ku lubereberye waaliwo Kigambo, Kigambo n'aba awali Katonda, era Kigambo n'aba Katonda." Mukiraba? Mukiraba? "Era Kigambo n'ayambala omubiri, n'abeerako gye tuli."

29 Ssinga tulowooza ku kino, nti, ensi yennyini kwe tuli, enkya ya leero, Kigambo kya Katonda. Omuti *ogwo* Kigambo kya Katonda. Naawe kennyini, omubiri gwo, nagwo Kigambo kya Katonda. Katonda ye yagwogera bw'atyo ne gubaawo, nga agukola okuva mu kintu ekitaliiwo; awataali kintu kyonna.

30 Wali wekkaanyizza obulamu bw'omuntu, okumanya wa gye buva? Buva mu katoffaali kamu akatono, akatono ennyo amaaso g'omuntu ge katasobola kulaba; okuggyako nga okozesezza, ekyuma ekizimbulukusa eky'amaanyi ennyo. Naye okuva mu katoffaali akatono bwe katyo ne muvaamu omuntu azitowa kkiro nkaaga mu munaana, oba kyenda mu emu. Abeera avudde wa? Okiraba? Katonda yakoogera bwogezi, olw'obutonde, ne katandika, okukula, oluvannyuma ne kavaamu ekyo kyennyini. Yayogera buli muti, buli kimu kyonna, ne kibaawo. Kale kintu kirungi nnyo, kirungi nnyo, enkya ya leero, okwekkaanya Ekigambo kya Katonda.

31 Kati, kino, enkya ya leero, mu Ndagaano Enkadde, nga bwe tubikkula mu kitabo ky'Ebyomumirembe. Ntaataaganyiziddwaamukko . . . Nga bwe mubikkula mu

Ebyomumirembe, essuula eye 18. Ndi mukoowumukko. Naye Mukama bw'anaaba ayagadde. . .

32 Sikakasa bulungi; ebisingawo tujja kubitegeera ku Lwokusatu akawungeezi. Mukama bw'anaaba ayagadde, nga n'ekkanisa ewulira eruŋŋamiziddwa bw'etyo, njagala ntwale ennaku zino Olw'okusatu, Olw'okuna, Olw'okutaano, Olw'omukaaga, n'olwa Ssande, nga ennaku ez'enkuŋŋaana ez'okudda obuggya wano, okudda obuggya nga tuyigiriza ku Kigambo. [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Olwokusatu, Olwokuna, Olwokutaano, Olwomukaaga, n'olwa Ssande, nga tuyigiriza ku Kigambo; si nkuŋŋaana za kusabira balwadde, wabula za kuyigiriza. Oba oli awo bw'atyo Mukama bw'anaatuluŋŋamya. Era tujja. . .Njagala nnyo okubeera nammwe ne tubeera n'okussa ekimu mu Kigambo, wamu nammwe. Mwebale, nnyo ddala, olwa "amiina," eyo ennungi ey'amaanyi.

33 Kati, mu ssuula ey'e 18 ey'Eby'omumirembe, okutandika n'olunyiriri olw'e 12, we twagala okwesigamya ebirowoozo byaffe, okumala akaseera akatono ku ky'okuyigako kino ekikulu eky'olunaku. Eby'omumirembe ekisoo-. . ., manyanga, Eby'omumirembe Eky'okubiri, munsonyiwemu, Eby'omumirembe Eky'okubiri 18:12, kale tugenda kubaako ekitundu kye tusoma okuva wano, tulabe Mukama waffe ky'ayagala tutegeere.

> *Awo omubaka eyagenda okuyita Mikaaya n'amugamba, nti, Laba, ebigambo bya bannabbi bimubuulira kabaka ebirungi n'akamwa kamu; kale leka ekigambo kyo, nkwegayiridde, kifaanane ekigambo ky'omu ku bo, oyogere ebirungi.*
>
> *Awo Mikaaya n'ayogera nti, Nga* MUKAMA *bw'ali omulamu, Katonda wange ky'anaagamba, ekyo kye nnaayogera.*
>
> *Awo bwe yajja eri kabaka, kabaka n'amugamba nti, Mikaaya, tutabaale e Lamosugireyaadi, nantiki ndekeyo? N'ayogera nti, Mwambuke, mulabe omukisa, era baligabulwa mu mukono gwammwe.*

34 Kaakati, okwesigamya ebirowoozo byaffe ku kino okumala akaseera katono; leka tuddemu twogereko Naye mu kigambo kimu, ku lw'ensonga eno.

35 Kitaffe ow'omu Ggulu, tujja gy'Oli n'emitima egijjudde okwebaza mu kaseera kano, ku lw'emmeeme ezaabula, ku lw'abo abali mu bwetaavu, ku lw'ekkanisa. Nga tusaba, nti, leka Omwoyo Omutukuvu ayingire mu Kigambo mu bwangu mu kaseera kano. Akitwale butereevu eri buli mutima oguli wano ogulina obwetaavu. Era bw'Anaaleeta Obubaka Bwe obw'amaanyi ag'Ekigambo n'abuyingiza mu mutima, tusaba ffenna Kituweese omukisa, enkya ya leero; tugende, nga bwe

tuva mu kkuŋŋaaniro, nga tusanyuka tutendereza Katonda, nga tugamba nti, “Emitima gyaffe gibugujja munda mu ffe, olw’Okubeerawo Kwe.” Kubanga tukisabye mu Linnya Lye. Amiina.

36 Kye twogerako, amakya ga leero, kikwata ku katyabaga. Ate Endagaano Enkadde, gyendi, bulijjo kisiikirize oba ki—kifaananyi ekyoleka Endagaano Empya. Emirundi mingi, waliwo ambuuza nti, “Ow’oluganda Branham, lwaki buli kiseera okozesa Endagaano Enkadde? Kumpi bulijjo, buli lw’obeera onoonya eky’okwogerako, oddayo mu Ndagaano Enkadde.” Nkikola kubanga njagala nnyo okuyigiriza nga nkozesa ebifaananyi ebyoleka ekintu ekyannamaddala. Njagala . . .

37 Ssirina buyigirize bwa maanyi kiri awo, nga mwenna bwe mumanyi. Era engeri yokka gye mmanyi ey’okuba nti nsemberedde ekituufu, kwe kulaba enkola nga bwe yali, ne ndaba pulaani ne ntegeera kiki kye kyali. Olwo ne nkimanya nti *kiri* kye kyali kijja kuba kifaanana ne *kino* wano, kubanga kiri kyali kisiikirize kya kino. Era bulijjo nkebera mu Ndagaano Enkadde ne ndaba abaana ba Isiraeri kye baakola, ne ndaba ekibonerezo ky’ekibi kye kyali, ne ndaba obwenkanya bwa bannabbi kye bwali, ne ndaba ebintu ebyo byonna kye byali; olwo ne nfuna ekifaananyi kya *kino* wano, ekyayolesebwa mu kisiikirize nti ky’ekiribaaawo mu kuwumbawumba kwa byonna ku nkomerero.

38 Mu kiseera kino, waali wabaddewo ekintu eky’amaanyi mu Isiraeri. Yali mu kiseera eky’ekizikiza mu ttumbi.

39 Mu Ndagaano Enkadde, Mukama bw’anaaba ayagadde, oba oli awo mu nkuŋŋaana ezinaddirira, njagala mbalage ekifaananyi ky’Emirembe Omusanvu egy’Ekkanisa mu Ndagaano Enkadde. Nga bwe baatandika mu ngeri y’emu ddala nga ku—ku ntandikwa y’Emirembe gy’Ekkanisa egy’ekkanisa y’Ab’amawanga, ne beeyongerayo okuyita mu kiseera kye kimu eky’ekizikiza, ne bawunzikira mu kiseera eky’ekitiibwa ekya Pentekoote, mu kukka kw’Omwoyo Omutukuvu mu kkanisa eyasooka eya . . . mu mulembe gw’Ekiyudaaya. Ate n’okuyita mu mulembe omulala ogw’ekkanisa y’Abamawanga, nga eyita mu mulembe ogw’ekizikiza, oluvannyuma n’ewunzikira mu kufuga okw’emyaka Olukumi, ku nkomerero.

40 Kaakati, tulaba edda eri mu byasa eby’omu makkati eyo, kabaka ono ow’ekitalo Akabu bwe yajja mu buyinza. Era nga alinga eyajjira ku ttutumu lya bakabaka ba Isiraeri bali abalala, aba . . . Akabu, ye yennyini, yali mu—mukkiriza ow’oku nsalo. Bulijjo ntera okumwogerako bwentyo, kubanga mu kiseera ekimu yabanga ku ludda *luno* olw’olukomera, ate mu kiseera ekirala n’abeera ku ludda *luli* olw’olukomera.

41 Nga toyinza kumanya wa w’ayimiridde, omuntu asagaasagana bw’atyo. Oba, omuntu agamba nti Mukristaayo,

naye nga asagaasagana bw'atyo, omuntu nga oyo toyinza kumanya kya kumukolera. Leero Mukristaayo; enkeera tomanyi wa gy'ali. Leero omusanga ali mu kkanisa, ayimba ajaguza bw'atendereza Katonda; ate enkeera, omusanga anywa mwenge, abinuka masejjere, ali mu kukyakala. Kale omuntu ow'ekika ekyo kiba kizibu okuba n'eky'okumukolera.

42 Nzijukira, bwe nnali nkyali kalenzi kato, waliwo lwe twalina e—embalaasi, eyateranga okubuuka olukomera buli kiseera. Era nzikiriza bangi ku mmwe abasajja, abali mu myaka gyange, mumanyi ebiseera ebyo eby'embalaasi, ennaku z'okutambulira ku bigaali ebisikibwa embalaasi. Nange kennyini, emirundi mingi mpisenga, ku luguudo luno wano, nga nvuga ekigaali ekisikibwa embalaasi. Nnina emyaka ana mu etaano. Kale, ba. . . Nzijukira, embalaasi eno, twagisibanga ekikoligo mu bulago, nga bw'oyinza okusiba mu bulago bw'ente, okugiziyiza okubuuka olukomera. Naye, era nga erubuuka. Era yeetuganga n'ekikoligo ekyo, n'ebirala ebiri nga ebyo. N'ebuuka olukomera. Naye lumu, kye ya. . .

43 Nnabeeranga nneebuuza ekyali kisikiriza embalaasi eyo. Kati waaliwo ekinnya emmanga awo. Kati, yabeeranga eyimiridde mu muddo oguyitibwa alufalufa, ha, nga gukoma eno obuwanvu, naye yali eyagala. . . Mu kinnya mwalimu amakoola g'emiti egimu egy'ebibala. Kale nga ebuuka olukomera olwo n'egwa mu kinnya ekyo ekyaliko waya n'ebirawuli, mwe twali. . . mwe twasuulanga—kasasiro, n'egenda erya ku makoola g'omuddo ogwo ogw'ebibala waakiri. Era twabanga tulina okufunayo embalaasi endala okugisika okugiggya mu kinnya ekyo. Bwe yagwangamu, yawambiranga. Era bwe twamalanga okugiggyayo n'eyimirira awo, yabanga ekankana nga etonnya omusaayi, nga—nga yonna, naye nga eyagala kimu kulya, waakiri, ku muddo ogwo ogw'ebibala, so nga yabeeranga mu muddo gwa alufalufa, kyenkana nga gukikoma mu maaviivi.

44 Bulijjo ntera okufumiitiriza ku kifaananyi ekyo. "Ekkubo ly'omwonoonyi zzibu." Yalemwa okusigala awo we yali eriira n'eba n'emirembe, naye. . . yalina okubuuka olukomera n'egenda n'efuna ebiwundu n'ebisago, naye waakiri erye ku—ku muddo ogw'ekika ekirala. Kati, ekyo kifaananamu n'abantu kye bakola, ababuuka olukomera lw'eddundiro lya Katonda. Ekyo temukikkiriza? Afuluma, n'agenda wabweru leero; n'akomawo. Abeera mu kkanisa, n'anyumirwa ekiseera ekirungi; ate, enkeera, ne yeewaayo eri ekintu nga ekyo. Kikifuula kizibu nnyo.

45 Akabu yali muntu wa kika ekyo. Buli ludda empewo gye yakuntiranga, Akabu yabanga ategese amatanga ge, bwe yakuntiranga ku ludda *luno* oba ku ludda *luli*. Obufumbo bwe bwamutabulatabula, bwe yawasa omukazi eyali omumbejja, muwala wa kabaka, ayitibwa Yezebeeri. Yali alabika bulungi nnyo, yali mukazi mubalagavu, naye mu mutima gwe yali mubi.

Era yali musinza wa bifaananyi, era yaleetera Isiraeri yonna oku . . .

46 Kati, nnandyagadde okwetooloolera awo okumala eddakiika entonotono, mu kaseera kano, okusobola okutuuka ku kinyusi ky'ensonga eno eya bamaama, mukiraba, awo. Era omusajja bw'atanula okuyingira mu bufumbo; ekika ky'omuwala, omukazi gw'a . . . Kisukka ku kutunuulira obulungi bwokka. Olina okufuna omuntu, nga byombiriri emmeeme n'omubiri bigattiddwa wamu; omuntu ddala anaabeera mukwano gwo era omubeezi wo, anaakunywererako mu bulungi ne mu bubi.

47 Kati, naye, ndowooza, Akabu, ye yamala gamwagala kubanga yali mulungi, n'amuwasa. Tekiyinza kuba nga kintu kirala kyonna, bw'otunuulira, ku butya bwe yali omubi. Bw'atyo n'ajja. Era kati, weewaawo, kubanga yali yamulya omutima, nga amwagala okufa, ekyaddirira, n'aleetera Isiraeri yenna okwonoona n'okuva ku Katonda, n'okumenyamenya ebyoto bya Katonda; ne bazimba ebyoto bya Baalimu. Ne basinza Baali mu Isiraeri yenna, mu kiseera ekyo.

48 Kati, mukyala we yali aviiriddeko Nabosi omutuukirivu . . . Bangi ku mmwe mwali mumusomyeko. Nga bwe yatwala olusuku lwe, n'alumunyagako; n'alayira, obulimba, n'afuna abajulirwa ab'obulimba. Kubanga omukyala yayagala okubaako ne ky'akolera bba; n'atta omusajja omutuukirivu, okusobola okufuna ennimiro eyali okumpi n'ettaka ly'olubiri.

49 Bino byonna, Katonda yali abiraba nga bigenda mu maaso. Bw'atyo nnabbi, Eriya, eyali omuweereza wa Mukama ow'amaanyi, kye yava alagula n'agamba Yezebeeri ekyali eky'okumutuukako. N'agamba ne Akabu nti embwa zirikomba omusaayi gwe gwennyini. Kati, Katonda bw'abaako ekintu kyonna ky'ayogedde . . . Weewaawo, mu biro ebyo, Ekigambo kya Mukama ekiva gy'ali butereevu kyajjanga kuyita mu nnabbi.

50 "Katonda, mu biro ebitali bimu na bimu ne mu ngeri ez'enjawulo yayogera ne bajjajjaffe okuyita mu bannabbi, naye mu nnaku zino ez'oluvannyuma ayogera okuyita mu Mwana We, Kristo Yesu."

51 N'olwekyo, *Kino* kye Kigambo. Era bwe wabaawo ekintu kyonna ekikontana n'*Ekyo*, kiveeko. Okiraba? Kati, mu ngeri ey'omutendera ogw'eddaala eriddako wansi, ne leero Ayogera okuyita mu nnabbi, omulabi, n'abalala. Naye omutendera ogusooka kye *Kino,* Ekigambo. Kaakati . . .

52 Era Akabu yali akoze obubi buno. Era n'agenda mu maaso; nga Katonda bw'awa abantu omukisa okumala emyaka mingi. Era, oluvannyuma ekiseera ne kituuka, Yekosafaati n'aba nga ye kabaka afuga Yuda, ate Akabu nga ye kabaka wa Isiraeri.

53 Era, kati, Yekosafaati yali musajja mutuukirivu. Yali mwana wa Asa. Asa yali—musajja mutuukirivu, era yamenyamenya

ebyoto byonna e—eby'ebifaananyi; n'azimba ebyoto bya Yakuwa. Era baalina o—okudda obuggya, erudda eri, mu Yuda.

54 Naye kati oluvannyuma lw'akaseera, Yekosafaati, manyanga Akabu, n'atuma, n'azuula ekitundu ky'ettaka ekirala, mu Busuuli, kye yalowooza nti kikye, kye yalowooza nti ajja kugenda akifune. Bw'atyo n'abuuza Yekosafaati oba nga asobola okujja amwegatteko.

55 Era, weewaawo, kati waliwo akatyabaga ak'amaanyi, mukiraba, bwe baalaba kabaka ono ow'amaanyi, Akabu, emmanga eyo, ne balaba ne kabaka ono omulala ow'amaanyi, Yekosafaati; nga omu ku bo, wa kibuguumirize; ate omulala, musajja ajjudde Omwoyo. Weegendereze b'okola nabo omukago. Weegendereze ky'okola, engeri gye weegattamu n'abatakkiriza. Weekuume nga oli mulongoofu, naddala mu nnaku zino ze tulimu.

56 Nzikiriza, ekkanisa, awatali kubuusabuusa kwonna, kino kibadde kinjokya mu mutima gwange. Y'ensonga lwaki nneesunga ebiro bino ebitaano, bye tunaatera okuba nabyo; okuddamu omulundi omulala, nga tekinnabaawo, okunnyikiza obulungi ekkanisa eno, okuyita mu Bayibuli.

57 Tuli mu bisiikirize by'ekiseera kyennyini. Kyandibaawo essaawa yonna. Bwe tulaba ebiseera ebintu mwe birina okutuukirira; obubi bw'omulabe obusemberayo ddala, amaanyi gennyini. Ne tulaba emiyaga gino egirimu omuzira na buli kimu nga bibaawo, kawumpuli ono yenna, n'ebintu ebitali bimu. Byonna ebireeteddwa okutaataaganyizibwa kuno, olwa bbomu zino ze bakuba n'ebirala. Biviiriddeko ebintu byonna waggulu eno okubanguka. Era bazannyira mu ggezeeserezo lya Katonda eddene, okutuukiriza Ekigambo Kye. Kigenda kutuukirira.

58 N'olwekyo, "omuntu oli ow'okwonoona" agolokoka, wamu n'amaanyi, n'obulimba obw'ekitalo. Bannange. Nnawulidde omuweereza enkya ya leero, omusajja eyajjula Omwoyo, nga ayogera ku kabonero k'ensolo n'agamba nti Russia ye mulabe wa Kristo. Eyo nga nsobi ya maanyi. Uh-huh. Ekyo Russia terina kakwate konna nakyo. Nedda, ssebo. Ekyo bwe kiri okusinziira mu Byawandiikibwa. Kati, naye mwekkaanye mu kiseera kino ekikulu mwetuli, okulabulwa.

59 Kati Yekosafaati ono, yawulira bulungi kubanga kabaka wa Isiraeri ow'amaanyi yamugamba nti, "Jangu, onkyalireko." Bw'atyo n'aserengeta n'agendayo. Ne bakwata ente ennume n'endiga, n'ebirala, ne bawaayo ssaddaaka. Ekiseera kyonna, munda mu mutima gwa Akabu, yali mulimba, kubanga teyasinzanga. . .manya teyawaayo ssaddaaka ezo na mutima mwesimbu, kubanga, newankubadde yabiwaayo, okusinga yali yeesigamye ku ddiini ya mukyala we.

60 Era weetegereze, nga Akabu bwe yawasa Yezeberi mu kiseera kya Isiraeri ekyo eky'omulembe ogwo ogw'ekizikiza,

n'aleeta okusinza ebifaananyi mu Isiraeri, kifaananyi kyennyini ddala ekyoleka ekiriwo leero. Nga bwe kyali mu kiseera eky'ekizikiza; bwe twava mu mugigi gw'abatume abaasooka, n'ogw'okubiri, n'ogw'okusatu, okutuukira ddala mu mulembe ogw'ekizikiza, emyaka lukumi mu bitaano. Nga Akabu bwe yawasa Yezebeeri n'aleeta okusinza ebifaananyi mu Isiraeri, n'ekkanisa eyali ekulemberwa Omwoyo Omutukuvu bw'etyo bwe yafumbiriganwa n'obubondo bw'enzikiriza ezitali zimu, n'ekomyawo okusinza ebifaananyi, era leero erina ky'erina kyokka kye kifaananyi eky'okubeera Enkristaayo. Mukiraba? Mukiraba, ejjudde ekizikiza. Era kati egenda yeeyongerayo, buli olukya; buli mulembe gwa kkanisa gugenda gweyongera okufuuka ekintu kye kimu, okutuuka ku ntikko ya byonna, mu mbeera ey'ekibuguumirize, nga gwe Mulembe gw'Ekkanisa ya Lawodiikiya. Bannaaye, nga tuli mu kiseera ekizibu ennyo.

61 Muwulirize. Njagala mbeeko ne kye njatula wano wennyini, nga sinnagenda mu maaso. Ndi mubuulizi w'enjiri ow'enkola enkadde ayaayaana okuddamu okulaba ennaku ziri ez'edda. Nkooye okulaba okugeegeenya kuno kwonna kwe ndaba, okuva mu Hollywood okw'okufuula Enjiri esikiriza, okutuusa nti mpulira nkwetamiddwa era kuntuuse. Yee, ssebo. Njagala kulaba kiri eky'enkola ey'edda. Ntidde nti twandiba nga Obukristaayo tubufudde ekintu ekisikiriza abantu; ekyo kya bulabe nnyo.

62 Kati, Yekosafaati n'ajja, nga bw'alowooza mu ye nti, "Ha, naye, kabaka wa Isiraeri ono ow'amaanyi, nja ku. . .Ha, tujja. . .Bijja kugenda bulungi." Naye mu makkati g'embeera eno esikiriza, kiki kye yakola? Yakola omukago, okugenda balwanyise omulabe, okuyita mu kukkaanya, kubanga baagamba nti, "Ffenna tuli bantu be bamu." Naye si bwe kyali. Ekimu kyali kibinja ekyajjula Omwoyo, nga ekirala kibinja eky'ekibuguumirize. Abantu abo baba tebafaanagana. Nedda, ssebo. Toyinza kuba na. . .

63 Ekizikiza tekiyinza kussa kimu na kitangaala. E—ekiro tekiyinza kubeera wali musana. Era akaseera akasingirayo ddala okubuzaabuza, ke kaseera akali wakati w'ebiseera. Akaseera ako nga enjuba egolooba oba nga evaayo, ke kaseera akasingirayo ddala okubuzaabuza. Tewabaawo kitangaala kimala kusobola kulaba bulungi; amataala g'ekidduka kyo gaba tegamulisa bulungi. Kisingako waakiri okuba nga nzikiza oba nga kitangaala. Yesu yagamba nti, "Waakiri beera nga oyokya oba nga onnyogoga, so si wa kibuguumirize." Awo, we wali akabaate.

64 Kale kati Yekosafaati, bwe yajja, ne bakola omukago guno omukulu, ekintu ekitaasanyusa Katonda. Era mwetegereze, aba ali mu kaseera ke, ak'okusagambiza nga bw'agamba nti, "Kati nnina okuganja eri kabaka ono. Era, ha, ni—ni—nnina okussa ekimu ne muliraanwa ono. Nnina. . . "

65 Mulabeeyo, ekyo, mukyegendereze mmwe ekkanisa. Mukiraba? Ekyo kye kivaako obuzibu bwonna eri ekkuŋŋaaniro lino wano, n'amakuŋŋaaniro amalala. Mukiraba? Mwegendereze bye mwegatta nabyo. Mukiraba? Mubifulumiremu ddala, ku bibiri mubeere ba Kristo oba mubeere balabe Be. Mukiraba?

66 Kati, omusajja ono yakola omukago, n'alowooza nti yali akoze ekintu eky'amaanyi. Naye oluvannyuma, kye yava abuuza nti, "Kati teriiyo, nga tetunnagenda kulumba, leka tusooke twebuuze ku Mukama ku nsonga eno?" Kati, Yekosafaati mu ye yali akyalinamu eddiini emala, mu nsobi ye, gye yakola ey'okugenda eri kabaka ono, naye mu ye yali akyalinamu eddiini emala okulowooza nti, "Naye, tusaanye tusooke twebuuze ku Mukama."

67 Kati, Akabu ye yali agenda tanyeze kigambo kyonna; nga agenda mu ngeri ye ey'okumala gagenda, ey'omubiri, era ey'obuntu ey'okukolamu ebintu.

68 Kkanisa, ku nsonga eno yennyini nneewunya, oba ekyo si ky'ekibaddewo, emirundi mingi, ekituviiriddeko okukola ensobi. Tukifumiitirizaako, ne tugamba nti, "Naye, kirina kuba bwe *kiti,*" ne tukikola mu ngeri eyo.

69 Ndowooza nti eryo ly'ettuluba okubuulira kw'enjiri okusinga obungi mu Amerika mwe kugwa, nti enjiri tugibuulidde mu kikula ekya—ekya, ka ŋŋambe, mu kubuulira kw'enjiri okwefaanaanyiriza enkola ya Hollywood, n'eba nga yeesigamiziddwa ku kusanyusa bantu. Tukiraba nti, olwa leero omubuulizi w'enjiri ajja ku kituuti, nga, bannange, yenna yeewana, n'asooka abanyumizaayo ebisesa nga tannatandika kubuulira, n'ebintu ebiringa ebyo, n'abanyumiikiriza n'aba nga kazannyirizi, ku kituuti. Ekiseera eky'okuyita abaagala okulokoka bwe kituuka, abantu beesanga tebakirabamu bwesimbu bwetaaga kuyita baagala kulokoka. Bwe kiri. Eyo y'ensonga lwaki ensi etuuse mu mbeera ey'ekibuguumirize mw'eri, leero.

70 Nneewuunya, leero. Bya kumala ga, leero, mba. . . Ffe ekkanisa, tugezezzaako okusindika abaana baffe mu matendekero, bayige ebikwata ku ndowooza z'abantu, n'ebiri nga ebyo, bategeere bwe balina okulambikamu enteekateeka enaagobererwa, ne bwe balina okweyisaamu nga bali mu kituuti n'okuteekateeka. . .Obubaka obusikiriza okukamala, obunaasobola okusikiriza abantu, bukwate ebirowoozo byabwe. Era bangi abakenkufu mu by'endowooza z'abantu abafuluma mu ngeri eyo nga abasomesa, ne bakola katemba n'ebirala bingi nnyo. Era nneewuunya, bwe baba. . . ekyo. . . Buli kiseera tubeera mu kubabuulira ku bulungi na bintu ebisikiriza ebiri mu kkanisa. Naye ne tulemwa okubabuulira nti, "Omuntu bw'ayagala okungoberera, leka yeefiirize yekka, yeetikke omusaalaba gwe, angoberere." Nneewunya oba nga obulungi

bw'ekkanisa tetubufudde ekintu ekisikiriza ennyo, eri omuntu oyo agiyingiramu.

71 Okugeza, ab'ekkanisa y'Abababaputisiti leero balina eŋŋombo egamba nti, "Twagala tweyongereko akakadde akalala mu '44," nga bayingiza enkumi n'enkumi, n'obukumi, obw'abantu abatakyusiddwa, wabula abantu abajja obuzzi ne beegatta ku kkanisa. Ate nga ekyo kikotoggera Ekkanisa ya Yesu Kristo, okumala gayinginza mu kkanisa abantu ab'engeri eyo. Bakyanywa omwenge. Bakyafuuweeta sigala. Bakyazannya zzaala. Bakyalimba.

72 Bajja ku kkanisa, nga beesunga okusanyusibwa ekibinja ky'ababuulizi b'enjiri abava mu Hollywood abajja, ne bateekawo ebintu ebisikiriza ebya buli ngeri, n'ebivuga ebinene bingi ku kituuti.

73 Mu kifo, ky'okusooka okubeera n'okuyita abantu okujja okulokoka, okw'enkola ey'edda, okukulembeza Katonda, okw'okukaaba amaziga; nga abasajja n'abakazi tebajja kusikiriza busikiriza, oba kujja kweyisa nga bakazannyirizi, wabula nga bajja okugwa ku wolutaali bategeere nti ekyo kwe kufa kwa Yesu Kristo, eyabafiirira, era baddayo mu kubeera abeesimbu eri Katonda.

74 Nneewunya oba nga ekyo si ky'ekiseera kye tulimu, we tutwala ababuulizi b'enjiri ab'amaanyi, nga abasinga obungi abatalaaga ebifo eby'enjawulo leero, ababuulizi b'enjiri ab'amannya abaasoma endowooza z'abantu ne basikiriza abantu okujja mu kkanisa. Naye kati bw'omala okubaleeta mu kkanisa, ogenda kubakola otya? Ba—bagenda kufuuka ki oluvannyuma lw'okuyingira mu kkanisa? Bajja kwegatta bwegassi ku kkanisa, oluvannyuma baddeyo n'ekibi kye kimu n'okuyaayaana kwe kumu kwe baayingidde nakwo mu kkanisa. Bajja kuddayo mu ngeri y'emu nga bwe bazze. Era eyo y'ensonga lwaki, olwa leero, ensi etunula, n'egamba nti, "Naye, ddala omusajja *oyo* bw'aba alina eddiini, omuntu *ono* bw'aba alina eddiini . . . "

75 Ntidde nti tukifudde kyangu nnyo. Eky'amazima, njagala . . . Ndowooza, nti essanyu, mazima ddala, nzikiriza nti essanyu lisangibwa mu Yesu Kristo. Ekyo ddala bwe kiri. Nzikiriza nti kya ssanyu era kireeta essanyu. Naye ow'oluganda, jjukira nti, kkubo lya kunyolwa na kubonaabona na musaalaba. Ekyo, nakyo olina okukitegeera. Bwe kiri. Nneewuunya oba tetukifudde kya—kyangu nnyo.

76 Kiringa, nnabadde nnekkaanya, mukyala wange n'ateeka . . . Nnasituse okufuluma, n'abaako akamuli ke yatadde ku kooti yange ku makya ga leero. N'aŋŋamba nti, "Osaanye okasseeko. Maama wo akyali mulamu."

Ne mmugamba nti, "Ha, mukwano, ssimanyi."

77 Olunaku lwa Maama lulungi nnyo, naye ensi bw'etyo bw'eri, baalufuula lwa bya nfuna, lwa kutunda butunzi bimuli n'ebintu

nga ebyo. Naye ekyo, maama kimuweebuula buweebuuzi. Kubanga, maama wange asigala maama wange buli lunaku olw'omwaka, yee, ssebo, si lunaku lumu lwokka.

Singa nkubuuza nti, "Maama wo omwagala?"

78 "Nnamusindikira ekisaaganda ky'ebimuli ku Lunaku lwa Maama olwayita." Naye, ow'oluganda, asaanye okuba maama buli lunaku. Naye lwafuuka kya bya nfuna.

79 Ekimuli ekyo kirabika bulungi. Njagala nnyo ekimuli ekirabika obulungi. Nkirowoozaako nga bwe. . .Ekimuli ekirabika obulungi. Kimulisa. Era kiba n'akawoowo. Era omuyise akawunyiriza. N'ensolo ejja, n'ekawunyiriza. Naye, kati mulabeeyo, kirabika bulungi. Nga Ekkanisa ya Mukama waffe Yesu Kristo, Kye kintu ekisingayo okuba eky'ekitiibwa; okuwonyezebwa okw'Obwakatonda, n'amaanyi, n'ebyewuunyisa, n'obubonero, n'ebyamagero, n'eddembe okuva mu kibi. Kifo ekirungi ennyo. Naye, labayo, ekimuli ekyo. . . Naffe nga Ekkanisa, tulina okuba, nga bwe kiri ku butonde bwonna.

80 Ekimuli ekyo, kubanga kirungi, buli nte eri mu ggwanga ejja kukikombako singa enaafuna akakisa okukikola. Naye obutonde bukiwa obuso, obufumu obututunukayo, obuyitibwa amaggwa, ne bukitangira okukituukako. Ekyo kye kikikuuma. Ddala bwe kiri.

81 Era ndowooza, nti leero, bwe tutaba na Kigambo kya Katonda, ekisala okusinga ekitala eky'obwogi obubiri, nga kyetoolozeddwa obulungi obw'amaanyi ag'obutukuvu bwa Katonda, tujja kuleka buli nte mu ggwanga ekikombeko era ekitte mpola mpola mu kimugunyu. Zijja kukitattana. Zijja kuleeta ekivume ku Kkanisa. Bwe kiri.

82 Ndowooza, nti leero, kye twetaaga be baweereza ab'enkola ey'edda, abaayitibwa Katonda, abatali babugumyeko, ob'olyawo nga tebalina buyigirize bwa maanyi kiri awo, naye abanaaleetera abantu okugwa ku wolutaali, basinde. Si abanaaleeta okusanyuka n'okuseka, n'okugaaya swiiti gaamu, ne bawandiisa mannya gaabwe ku lupapula; naye, ow'oluganda, abanaaleeta okukaaba kuli okw'enkola enkadde n'okufa, okutuusa abasajja n'abakazi lwe baneenenyeza ddala ebibi byabwe ne basemberera Katonda. Amiina.

83 Mbabuulira, tulina ebya, "Muyimuse emikono gyammwe, abaagala okukkiriza Kristo," n'ebiringa ebyo. Ekyo kirungi, ow'oluganda, naye ekyo teki—tekiggyaawo kibi.

84 Olina kusooka kwenenya, n'otereeza, n'ogwa wansi awo n'okaabira ddala. Nzijukira ebiseera abantu bali ab'edda bwe baatambulanga nga badda eno n'eri mu nkuubo, ne mu makubo, nga bakaaba, n'okwogera ne baliraanwa baabwe. Abo be baali Abakristaayo ab'ekiseera ekyo; nga bababuulira ku bintu bya Mukama waffe.

85 Naye, leero, tuwandiisa buwandiisa linnya lyaffe mu kitabo ky'ekkanisa, ne tufuluma ne tusigala eka, ne tutabaako kigambo kyonna kye tukyogerako. Tetufaayo. "Kasita ndi mmwemba w'ekkanisa mwe nsabira, ekyo kimala." Nkakasa mu ekyo tuli bakyamu, bantu mmwe. Mwekebere. Kubanga, ekyo tekiriyimirira mu musango. Nedda, ssebo. Tekijja.

86 Tewali kirala, "Oyo ayagala okungoberera, leka yeefiirize yekka, yeetikke omusaalaba gwe, era afe buli lunaku." Asigale nga mufu, ku musaalaba. Bwe kiri. Okunyolwa! Muyimba ne mugamba nti, "Ekkubo, nja kugenda n'abatono ba Mukama abanyoomebwa."

87 Ndowooza ku lwa leero, nga bwe kiri ekiseera ekizibu kye tulimu! Nti, mu kubuulira enjiri, bagenda wabweru eyo n'ebitaala ebinene ebyaka okukamala, ne bagezaako oku. . . Bw'olaba omubuulizi w'enjiri ng'ajja mu kibuga, weewuunya n'okwewuunya. Nange, enkuŋŋaana zange zibadde n'omusango gwe gumu. Bwe kiri. Oluusi, ntuuka n'okwebuuza ani aba ajja mu kibuga, mubuulizi wa njiri oba Yesu Kristo? Kubanga, babeera n'e. . .

88 Jjuuzi wano, nnina ekifo mwe nnagenda, omubuulizi w'enjiri omu gye yali agenda okujja. Nga Erinnya lya Yesu. . .Naye, baalina ekifaananyi ky'omubuulizi w'enjiri nga kiwandiikiddwako nti, "omusajja ow'ekiseera kino," omusajja alina *kino*, era omusajja alina *kiri*.

89 Nze, oluusi ndowooza ku buweereza bwange, ne ndaba abantu nga bajja. Ne nnyingira mu kisenge kya wooteeri, ne ŋŋamba nti, "Ayi Katonda, abantu ani—ani gwe bajja okulaba, nze oba Ggwe?" Mukiraba? "Bwe baba bajja kulaba nze, era, bakyabuze; naye, Ai Katonda, njuzaayuza, onzijewo. Njagala kukiikirira Ggwe, Ggwe lumu gwe tuliyimirira mu maaso Ge, n'emikono egijugumira era egikankana, n'emibiri egiteesobola, bwe tulikutunuulira. Nga mmanyi nti emmeeme yange yeekutte ku kusalawo Kwo." Leka tugulumize Kristo.

90 Leero, ogamba nti, "Nze, ndi wa nzikiriza y'Ababaputisiti. Ndi Mumesodisiti. Ndi wa mu kkuŋŋaaniro lino. Nkola *kino*." Bannange, ekyo tekikirinaako kakwate konna; yadde. Oluusi nneebuuza.

91 Jjuuzi wano ebbanga si ddene, nnalaba e—ekirango ekyali kitimbiddwa, waaliwo olukuŋŋaana lw'enjiri olwali lugenda okubeera mu kibuga. Nga ekigambo ekyogera ku musajja, erinnya ly'omusajja nga liwandiikiddwa mu nnyukuta ennene okwetooloola, bwe *lityo*. Nga wansi, ku ntobo mu kasonda akamu, waliwo obugambo obugamba nti, "Yesu Kristo y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna," wansi ddala ku nsonda. Mukiraba?

92 Obutukuvu bwonna baabujja ku Kristo, ne babaako omusajja kwe baabuteeka, oba ku kkanisa, oba ku kibiina. Ow'oluganda, nkubuulira, osobola okugenda mu maaso

n'ebisikiriza, n'obwa kazannyirizi bwa Hollywood, mu ngeri eyo, mu...mu linnya ly'ekkanisa. Naye, mu Kubeerawo kwa Yesu Kristo, Ye y'Alina okugulumizibwa. Bwe kiri. Kaakati, ago ge mazima, muganda wange omwagalwa ne mwannyinaze.

93 Tonnyiigira. Jjukira nti mbuulira eri ggwe. Njagala mbuulire nga gy'oli nti buno bwe bubaka bwange bwe ŋŋenda okusembayo okubuulira mu bulamu bwange. Njagala mbuulire, buli bubaka bwe mbuulira, nga omuntu agenda okufa nga mbuulira abantu abagenda okufa. Kubanga, ŋŋenda kufa; ekitangaala kyange kyeyongera okuzimeera, buli olukya; n'ekikyo, bwe kityo. Era tuli bantu abafa. Era tulina okusisinkana Katonda omulamu, olumu ku nnaku zino, kale tusaanye tubeere beesimbu nnyo ddala ku nsonga eno.

94 Tuli mu bya masanyu, na kwejeeguula, na kwegatta bwegassi ku kkanisa, bwe tugenda *eno* n'*eri*, bwe tukola *bino* na *biri*.

95 Tulina kuba na nkuŋŋaana za kusaba ez'enkola ey'edda mu maka gaffe, tukaabirire Katonda, emisana n'ekiro. Olunaku lusembedde, "ekiseera eky'okunyigirizibwa, ekiseera eky'okubonaabona." Bayibuli egamba nti, "olunaku olw'ekizikiza." Era lwe tulimu.

96 Omusajja ono ow'ekitalo nga ateekwa okuba nga yagenda n'okwesunga okw'ekitalo. Yeegatta wamu n'ab'ekibuguumirize, n'abo ab'okunsalo, nga alowooza ky'akola kya maanyi, nga alowooza nti Katonda yali amuwa omukisa. Naye teyakimanya nti mu kaseera ako kennyini yali yeetaba wamu n'ekibinja kino kyonna. Kiki? "Ekibinja kyaffe ekitono, ekya—ekya Yuda erudda wano, kijja kujja twegatte ku ggye lya Isiraeri lino eddene. Nga tunaabeera bantu ba nnantawunyikamu."

97 Kiikyo. Era eryo ly'eddobo lyennyini ery'obulimba setaani ly'akozesa mu kaseera kano, okuyingizaawo omulabe wa Kristo; kikakafu ddala nga bwe nnyimiridde mu kituuti kino. "Tujja kugatta wamu okufuba kwaffe." Ekyo tetusobola kukikola. Ababiri bayinza batya okutambulira awamu, nga batabaganye?

98 N'eggwanga lya Amerika lino lyakola ekintu kye kimu, lyayita mu kintu kye kimu lyakola ensobi y'emu, bwe lyegatta ne Russia mu kiseera kiri. Mu kiseera bwe baali banaatera okuyingira mu lutalo, ne twesiba wamu ne Russia. Era kati bye tulina mubiraba, temubiraba? Baafuna ennyonyi zaffe n'ebyama byaffe byonna, ne bbomu zaffe nnamuzisa na buli kimu byonna babirina ewaabwe, baagala kubikozesa kutukuba. Kye kimu ne mu mwoyo.

99 Kati tukizuula nti oluvannyuma, Yekosafaati bwe yamala okukola omukago guno, ne beebuuza. Kaakati mwekkaanye, mwekkaanye ab'ensi bwe bakola, yamugamba nti, "Weewaawo, wano tulina bannabbi abawerera ddala. Tulina sseminaaliyo nnamba."

100 Ne bagenda ne baleeta abasajja abaatendekebwa, abategeera eby'endowooza z'abantu, abaabikugukamu. Ne babagamba nti, "Mujje mbagirawo, tulina kye tubuuuza twagala kwebuuza ku Mukama."

101 Bonna, nga, bali mu ndowooza zaabwe ez'omubiri ez'amalala, ne bajja ne bagamba nti, "Kaakati, labayo, tu . . . Yambuka. Mukama ali naawe, era Mukama agenda kukugabula ekitundu ky'ensi ekyo, nti, kigenda kubeera kikyo. Ogenda kusindiikiriza Abasuuli okibagobemu. Ogenda kukikola." Omu ku bo ne yeekolerayo n'amayembe ag'ekyuma, n'atandika okudduka nga bwe yeetooloola *bw'ati,* nga bw'agamba nti, "Gano g'ogenda okukozesa okusindiikiriza Abasuuli."

102 Naye, Yekosafaati, yali wa mwoyo okusingako awo, nga tayinza kukkiriziganya na bwa kazannyirizi bwa ngeri eyo obutaliimu nsa. Bwe kiri.

103 Ayi Katonda tuweeyo ba Yekosafaati abalala, abeenyiyiddwa era abakooye obwa kazannyirizi bw'omu Hollywood buno. Bwe kiri, abakaniikirira ebintu, nga beefuula kye batali; nga beeraga, nga bakola katemba, okusikiriza abantu. Naye bwe bajja, n'obabuuza kiki kye mwafunye bwe mwazze? Nga bw'oyinza okubuuza omuntu, "azze nga awuga okuyita mu ddungu". Tekiyinza kuba kirala kyonna okuggyako omusenyu gw'okulubalama ku mutwe gwo, ogw'okukuleetera okunakuwala oluvannyuma.

104 Kaakati weetegereze, oyinza kubayingiza mu ki? Luli waliwo omukyala eyaŋŋamba nti, "Waliwo omusajja eyamugamba nti, 'Okugenda ku kkanisa nja kugenda, naye kiki—nnaafuna ki bwe nnaagenda mu kkanisa?' N'agamba nti, 'Ekintu kyokka kye bakola kwe kufumbayo ekijjulo, ne . . . boogera ku *kino*, *kiri*, na *kiri*.'" Omukyala n'agamba nti, "Nnawuniikirira ne mbunira, kubanga nnali simanyi wa wa kumusindika." Ky'ekyo. N'agamba nti, "Singa nsobola okufuna ekkanisa ey'enkola ey'edda gye bayimba ennyimba ziri ez'edda ne batambulira mu bulamu obw'okutya Katonda."

105 Abaana enjala bw'ebaluma, bajja kulya okuva mu kipipa kya kasasiro. Buvunaanyizibwa bwa Kkanisa ya Katonda omulamu okugabula Ekigambo ekiramu eky'amazima ekya . . . ekya Katonda omulamu.

106 Bwe tuddayo wali, wakati mu bisikiriza ebyo byonna, Yekosafaati kye yava abuuza nti, "Teriiyo mulala asigaddeyo?"

107 Akabu n'amubuuza nti, "Omulala?" "Kati, omulala oyagala waaki? Tulina wano abasajja ebikumi bina abasingayo mu bonna, abeerobozebwa, abayivu, abaaliisibwa obulungi, abasingayo okwambala obulungi mu ggwanga lino, baabano bayimiridde wano. Buli omu ku bo n'omwoyo gumu, n'omutima gumu, n'eddoboozi limu bagambye nti, 'Genda! Katonda ali naawe.'"

108 Nneewuunya oba si ky'ekintu kye kimu Amerika ky'esisinkanye. Nneewuunya oba si ky'ekintu kye kimu Ekkanisa ya Katonda ky'esisinkanye. Nneewuunya. "Naye," oyinza okugamba nti, "labayo, balaba obuwanguzi. Babeera n'enkuŋŋaana ennene, ez'amaanyi. Bafuna abagoberezi nkumi na nkumi ku mulundi gumu bwe guti." Naye nneewuunya oba tewaliiyo mulala. Nneewuunya oba tewaliiyo kya njawulo ku bino.

109 Tukizuula nti, tufuna abantu emitwalo esatu abaatula obulokozi mu bbanga lya wiiki mukaaga, naye wagenda okuyitawo wiiki mukaaga nga tewakyaliwo n'omu. Waliwo awali ekikyamu. Bwe kiri. Naye byonna bya kusikiriza, kukaniikirira bukaniikirizi. Ensi, okuyita mu ttivvi, okuyita mu leediyo, okuyita mu ffirimu, n'emikutu egyo emirala, eyonoonye eggwanga lino n'obugwenyufu bwa Hollywood buno. Bwe kiri. Buli kimu kyagala kubeera nga kitemagana kisobole okusikiriza. Ago si ge mazima? Mukimanyi nti ge mazima. Tetukyalina ddiini eri ey'enkola enkadde gye twalina mu myaka giri egy'edda. Lwakuba yasuulibwa muguluka. Tujja kukituukako, mu kaseera katono, mujja kukiraba.

110 Ddala, nga kifaananyi ekirungi ddala, manyanga kifaananyi ekireetera omuntu okwekaliriza, leka nkiyite bwentyo. Kale Yekosafaati ono n'ajja, n'agamba nti, "Weewaawo, bonna mbalaba. Balina, buli omu ku bo, alina ddiguli ze," na byonna bye baalina. "Bonna bagenda kufuuka bannabbi, oba abaweereza ab'amaanyi. Baava mu matendekero ag'amaanyi. Era bonna bali kino. Bava mu ssomero eddene erya bannabbi, n'ebirala byonna. Bonna bassa kimu. Ebyo byonna bituufu. Naye tewaliiyo mulala?"

111 "Naye, kati omulala oyagala waaki, nga wano waliwo ebikumi ebina abakkirizigannyiza omulundi gumu?"

112 Naye omusajja oyo, munda mu mutima gwe, yalina Katonda. Era yakimanya nti waaliwo ekitaali kituufu ku ekyo. Yee, ssebo. Yakimanya nti waaliwo ekintu ekivunze. Lwaki? Leka mbawe. . .Ekyawandiikibwa tekikyogera, naye kino ky'ekifaananyi kye nfuna. Nkimanyi nti—nti ekyo Yekosafaati yali akimanyi bulungi nti munnanfuusi oyo, Akabu, yali tateredde na Katonda. Era nga Eriya yali yamulagulako Ekigambo kya Katonda. Kati Katonda yali ayinza atya okuwa omukisa kye yakolimira? Amiina.

113 Nange njogera ekintu kye kimu olwa leero, mukwano gwange. Era n'Ekkanisa ya Katonda omulamu, eyimiridde n'obwesigwa eri Katonda, ejja kwogera ekintu kye kimu. Toyinza kugattika mafuta na mazzi n'obiyita obulokozi. Tosobola. Olina okweyawula, ow'oluganda. Walina okubaawo ekibaawo. Bwe wabaawo essuubi lyonna erikyasigaddewo, tulina okubaako ne

kye tukola, ate tukikole mu bwangu ddala; kubanga, essaawa ey'Okukwakkulibwa esembedde.

114 Ebintu biri mu kwetuuma, buli kimu, naye ekkanisa ekyali wala nnyo. Basoma magaziini eza buli ngeri, ebitabo, emboozi, na buli kimu. Leero nsobola okugenda mu. . . nsobola okugenda mu kkanisa, ne mbuuza nti, "Ha, bameka abamanyi. . . " Bamanyi buli luyimba, oluvannyuma lw'ezimu ku nkuŋŋaana zino ennene. "Kati, oluyimba bwe luti luli—luli ku lupapula ki?" Balumanyi. Bamanyi ebikwata ku buli omu. Bamanyi agenda okwesimbawo ku bwa Pulezidenti, n'agenda okwesimbawo ku *kino,* n'abazannyi ba ffirimu abaawasa n'abaafumbirwa, na *kino* na *kiri*, *n'ekirala*. Naye, Ekigambo kya Katonda, tebalina kye bakimanyiiko. Kiikyo. N'olwekyo tubawa bisik-. . . Kyokka, nga, bagamba Bakristaayo.

115 Ate abantu si be balina okunenyezebwa. Kiviira ddala mabega wa kituuti, gye kisibuka. Mazima ddala. Kiviira ddala mabega wa kituuti. Babayigiriza engeri ez'enjawulo ez'okuyimbamu, na buli ngeri eya *kino* na *kiri,* n'ebibiina, n'engeri y'okukolamu ebibinja by'abavubuka, n'ebiringa ebyo. Nneewuunya oba birina kye bikoze. Sibivumirira, naye nneewuunya oba nga ddala ekyo Katonda kye yeetaaga.

116 So nga, Yesu yagamba nti, "Okuggyako nga omuntu azaaliddwa amazzi n'Omwoyo, taliyingira mu Bwakabaka. Oyo ayagala oku-. . . okungoberera, leka yeefiirize yekka, yeefiirize n'amasanyu ge ag'ensi, yeetikke omusaalaba gwe, angoberere." *Omusaalaba* kabonero ka "kufa, na bulumi." "Oyo ayagala okuba Omukristaayo, leka yeefiirize ebirowoozo bye. Leka yeefiirize ebikolwa bye. Leka yeefiirize buli kimu, yeegane buli kimu ky'ali, yeetikke omusaalaba ogwo omutukuvu, angoberere buli lunaku. Oyo ayagala okungoberera, ekyo ky'aba akola." Ekyo Yesu kye yagamba.

117 Naye, leero, tugamba kimu, "Leka buli muntu abeere n'ekiseera ekirungi. Leka buli muntu akube mu ngalo. Leka buli muntu aleekaane nti, 'Aleruuya! Leka buli omu akole *kino*." Ha, nga tukyamuukirira! Amiina. Ayi Katonda. . . Tufuna ennyimba zino empya ne tuziyimba nga bwe twanguyiriza, ne tuba nga abagenda okuwaguza tuyite mu kisenge nga bwe tuziyimba, oba ekintu bwe kityo.

118 Naye, ndowooza nti, singa tuyimba ennyimba nga, *Ai Katonda, Onsembeze, Kumpi Naawe,* zandibadde nnungi nnyo eri Ekkanisa; ennyimba ezo ez'enkola enkadde.

119 Ne mubeera n'ekibinja ky'abakubi b'ebivuga, ne wabaawo omuvubuka eyabadde mu kibinja ky'abakubi b'ebivuga ab'ensi nga akuba ebivuga erudda wano, ekiro kya jjo, leero akawungeezi n'ajja wano n'akuba ebivuga mu kkanisa ya Katonda omulamu? Kya muzizo mu maaso ga Katonda. Omuntu

oyo leka asooke, agezesebwe, era abale ebibala, ebigwanidde okwenenya, okulaga nti ateredde ne Katonda.

120 Baleeta enkuba y'ebivuga ey'omu nsi ne bagissa mu kituuti. Baleeta Hollywood, ow'okubuulira okusikiriza, ne bakuleeta mu kituuti.

121 Weewaawo, ssaatuula mu kibuga kyammwe ekirungi, wiiki ntono ezaakayita, mu Louisville, Kentucky? Omutima gwange ne gumenyeka, bonna bwe baali batudde awo, nga beetegese okulaba ebyamagero bya Katonda; naye oluba okutandika oti okubuulira Enjiri, nga beetamwa, mu kaseera katono, nga baakukubye dda amabega bafulumye ekizimbe. Weewaawo. Tebagyagala. Emitima gyabwe gyakakanyala. Bafuluma; era bangi ku bo, ab'enzikiriza ezaawakanya Obukatuliki, nabo, abagenda mu makanisa ag'enzikiriza ezaawakanya Obukatuliki. Naye baabajjuzaamu. . . baabajjuzaamu ebintu ebisikiriza n'ebirala ebiringa ebyo, ebitaliimu nsa n'enkola z'ekkanisa, okutuusa nti tebalina kye bamanyi ku Mwoyo wa Katonda omulamu. "Nga balina ekifaananyi eky'okutya Katonda, naye nga beegaana Amaanyi gaakwo."

Nga kiseera ekizibu ennyo kye tulimu. Mwekkaanye mulabe gye kikomekkerereza.

122 Yekosafaati n'agamba nti, "Akabu, nkimanyi. Ababuulizi bo ebikumi bina bali awo. Bonna balabika bulungi, buli omu anekaanekanye n'enviiri zaabwe baazisaniridde bulungi, na buli kimu, kye bali. Bandiba nga balina ddiguli zi D.D.'s. Bandiba nga balina ddiguli eza buli ngeri. Bandiba nga bamanyi Ebyawandiikibwa, okuva ku A okutuuka ku Z. Naye tolinaayo mulala, asigaddeyo? Tewaliiyo mulala n'omu, asigaddeyo?"

123 N'agamba nti, "Weewaawo, waliyo omulala, naye mmukyawa." Kiikyo. Kiikyo. "Mmukyawa." Mujjukire nti, Akabu yali musajja munnaddiini, na bano baali bayigiriza ba ddiini, naye baali bakyawa omusajja ono eyalina Amazima. N'agamba nti, "Mmukyawa." N'agamba nti, "Bulijjo tanjogerako birungi." Yandireseeyo atya okumwogerako ebibi, nga ate Ekigambo kya Katonda kyali kyamusalira dda omusango?

124 Oyinza otya okusirika nga oli musajja wa Katonda, oba omukazi wa Katonda, nga okimanyi era nga olaba ekibi n'ebintu ebigenda mu maaso, nga byeetuumye era biyinze obungi, n'ebirala ebya buli ngeri; n'olaba emmeeme z'abantu nga zigenda mu ggeyeena; mu bukadde na bukadde buli lunaku; n'osirika? Toyinza kukikola.

Waliwo eyambuuza jjuuzi, nti, "Olowooza osobola okukiyimiriza?"

125 Ne mmugamba nti, "Nedda. Ssisobola kukiyimiriza, kubanga Katonda ye yakyogera. Naye lumu bw'oliba mu Kaguli mu kusala Omusango, baliggyayo olutimbe olwo olunene, ne

bakasukako ekifaananyi kya kamera eri eri emitala, n'olutambi olwo olw'eddoboozi luzannyibwe. Era ndiyimirira nduwulirize; njagala mpulire eddoboozi lyange nga mbalabula. Katonda alinsalira omusango eddoboozi lyange bwe lirikiwakanya." Yee, ssebo. Bwe tuliraba obulamu buno, omulembe guno, nga gukomezebwaawo ne gutulagibwa nga bwe gwali emitala eri mu kusala omusango. Mazima ddala. Tuli mu kiseera ekizibu. Era ky'ekyo.

Era tumulaba nga akola. . .yamubuuza nti, "Tewaliiyo mulala yenna?"

126 N'agamba nti, "Weewaawo, gy'ali naye mmukyawa, kubanga bulijjo andagulako bibi byereere."

127 Ayinza atya okulekera awo okubuulira ebintu ebyo ebikakali, nga alaba bigenda mu maaso? Nga alaba Akabu nga yeeyisa nga bwe yali yeeyisa era nga akola nga bwe yali akola, n'okuleetera abantu okweyisa nga bwe baali beeyisa.

128 Omusajja wa Katonda, oba omukazi wa Katonda, ayinza atya okulekayo okwogera n'eddoboozi ery'omwanguka n'okuvumirira ekibi ku buli ludda? Nga, alaba ababuulizi bano ab'ekibuguumirize, ababuulira ebisikiriza, n'abayigiriza, n'abalala aba buli ngeri, nga baleka abantu okugenda mu ggeyeena, mu bukadde na bukadde, nga bakkiriza obulimba; bangi ku. . .ne mu bantu abayigiriza obutukuvu. Okusinga ennyo ssoogera ku Bamesodisiti na Babaputisiti, n'abalala bwe batyo; wadde nabo, babirina. Naye okusingira ddala biri mu mmwe.

129 Bannange, bajja ku kituuti, nga bafaanana buli kimu kyonna okuggyako Abakristaayo, batambulira mu bulamu obwa buli kimu kyonna, mu mawanga ag'enjawulo n'awalala yonna, ne bava awo ekyo ne bakiyita "eddiini." Kituufu ddiini, naye eri wala nnyo n'obulokozi bwa Mukama. Ddala bwe kiri. Ne baleetera abantu okubeera ekibinja ekinene eky'abantu abakyamuukiridde obukyamuukirizi. Naye okukyamuukiriramu okwo oluba okuggwaawo, awo, ekiddirira, n'obanoonya nga tolina n'omu gw'olaba; ekkanisa n'esigala nga njereere. Ow'oluganda, omuntu bw'aba ayagala Katonda, ajja kutuula mu katebe ke mu kkanisa, buli mulundi. Tasobola kukyebeera n'atajja. Bwe kiri.

130 Kaakati mwetegereze, okumala akaseera katono. Ŋŋenda kugezaako okwanguwa, ŋŋende butereevu ku nsonga kaakano, kubanga ndaba obudde bwange bugenze.

Weetegereze, n'amubuuza nti, "Tewaliiyo mulala yenna?"

131 N'agamba nti, "Weewaawo, gy'ali naye mmukyawa. Bulijjo abeera andagulako bibi byereere. Anjogerako bibi."

"Kale," n'amugamba nti, "mugende mumuleete."

N'agamba nti, "Erinnya lye ye Mikaaya."

132 Naye omusajja ono yali wa mwoyo ekimala okukitegeera nti abasajja bano tebaali batuufu.

133 Era na buli muntu yenna eyali akomeddwako, ka kubeere okukomebwako okutono, okw'Omwoyo wa Katonda, akimanyi nti ebintu bino, ebiyitibwa Obukristaayo leero, si bituufu. "Tosobola kwagala nsi, wadde ebintu by'ensi. Bw'okikola, kitegeeza okwagala kwa Katonda n'okukubaamu tekukuliimu." Bayibuli bw'egamba.

Kaakati mulabeeyo. Yagamba nti, "Mugende mumuleete." Ne bagenda.

134 N'abaako omubaka gwe yatuma agende nabo, ob'olyawo, omudiikoni w'ekkanisa, oba omuntu omulala, n'agendayo n'amugamba nti, "Kaakati labayo, Mikaaya, tugenda kukutwala mu maaso ga Akabu ne Yekosafaati. Kati, bombi batudde awo, ate basajja abassibwamu ekitiibwa. Bayigiriza era bayivu. Era balina ddiguli zaabwe, n'ebirala. Era buli emu ku seminaaliyo zaffe, n'amakanisa gaffe gonna wano, bonna bakkiriziganyiza wamu nti kino Mukama ky'ayagala kikolebwe. Kati, naawe yogera ekintu kye kimu kye boogedde, era, nkukakasa, ojja kwambala bulungi okusinga bw'oyambala ovuge n'emmotoka ey'ekika kya Cadillac. Nkukakasa, ekyo bw'onaakikola ojja kuba musajja wa maanyi. Yee, ssebo. Ojja kukulaakulana."

135 Mikaaya n'agamba nti, "Mukama Katonda nga bw'ali omulamu, nja kwogera ekyo kyokka Katonda ky'agamba." Amiina. Weewaawo. Ha, oyo ye musajja alina omutima nga ogwange. "Kyandinneetagisa okulya omugaati n'amazzi," nga kye yakola, "olw'okukikola." Bandimupacca empi ku matama gombi, ne byonna bye baamukola, naye yayogera Amazima era n'aganywererako. Katonda yagakakasa nti ge Mazima. Teyali wa ttutumu, naye yali amanyi Katonda.

136 Wuuyo musajja watu Mikaaya ne bamuleeta. N'amubuuza nti, "Kale, Mikaaya, ggwe okyogerako ki?"

137 N'amugamba nti, "Yambuka. Yambuka." N'agamba nti, "Yambuka, mirembe. Genda mu maaso, olabe omukisa, ekyo kye njagala okole. Naye ndabye Isiraeri nga ali ng'endiga, ezitalina musumba, ku kasozi, nga basaasaanye. Ky'ekyo," bw'atyo bwe yagamba.

138 Era ekyo bwe yakikola; Akabu n'akyuka n'atunuulira Yekosafaati, n'amugamba nti, "Nnakugambye ki? Oyo omutukuvu eyeevulunga . . . " manyanga, kiki, munsonyiweko, oba kyonna kye kyali; omusajja oyo n'agamba nti, "Ekyo . . . Nnakugambye ki? Oyo omusajja andagulako bibi—bibi byereere. Kiki kye nnakugambye? 'Ajja kuvumirira ekkanisa yaffe, avumirire abaweereza baffe, avumirire n'eddiini yaffe.' Nnakugambye ntya? Nnakugambye ebyo by'ajja okwogera. Mmumanyi. Nnasooka kumanya kitaawe eyamusooka." Amiina. "Nnasooka kumanya kitaawe eyamusooka." Uh-huh, yee,

ssebo, omusajja wa Katonda owa nnamaddala. N'agamba nti, "Nnakitegedde nga ebyo by'ajja okwogera."

139 Kye yava agamba nti, "Weewaawo," n'agamba nti, "nnalabye Isiraeri nga endiga, ezisaasaanye, ezitalina musumba, waggulu ku kasozi." Kati n'agamba nti, "Ndi-. . . "

140 Awo omu ku bannabbi bali eyalina amayembe ago amanene, agaali ag'okukozesebwa okusindiikiriza abalabe, omubuulizi, kye yava asembera n'asikaasikanya musajja wattu Mikaaya, n'amupacca oluyi olw'amaanyi ennyo ku mumwa, n'amubuuza nti, "Omwoyo wa Katonda yakutte kkubo ki bwe Yanvuddeko? Bw'oba omanyi."

141 N'amugamba, nti, "Lindako bw'onaakasukibwa mu kkomera wano, onaategeera ekkubo lye Yakutte." Bwe kiri.

142 Mulinde Russia lw'eriwamba wano, n'ewamba n'amawanga n'ebirala bwe bityo, n'eggwanga lino, olw'okugwa kwalyo, mulyawula wakati w'ekyali ekituufu n'ekyali ekikyamu. Bwe kiri. Muliraba oba nga eddiini yammwe ey'ekibuguumirize eribayamba, oba nedda.

143 Leka eggwanga lino likaabe, si kuseka na kukola katemba. Leka eggwanga lino ligwe ku maviivi gaalyo, mu kwenenya. Ekyo kye twetaaga. Si kudda buggya kwa kuleeta bantu bangi mu kkanisa. Twetaaga tuggale buli bbaala, tuwere okunywa sigala kwonna, tusaanyeewo amakolero gonna. Tutandike enkuŋŋaana, ziri ez'edda zennyini, ez'Omwoyo Omutukuvu; abasajja n'abakazi, we bajja, ne bagwa ku bwenyi bwabwe, emisana n'ekiro, ne bakaaba. Mbabuulira, ekyo kye kijja okuba ekiddukiro ekisingayo okuba eky'amaanyi eggwanga lino kye lyali lifunye. Bwe kiri.

144 Leka Ekkuŋŋaaniro lya Branham lireke obusirusiru bwalyo. Leka likomewo wano ku wolutaali litereeze ne Katonda. Tutereeze ne baliraanwa baffe, n'abalala aba buli ngeri, era tutereeze ne Katonda. Temujja kuba na kuneneŋŋana na biringa ebyo nga bigenda mu maaso; lijja kubeera kifo ensi mw'esikirizibwa okujja. Bwe kiri. Kaakati, ago ge mazima.

145 Kye yava amubuuza nti, "Omwoyo wa Katonda yakutte kkubo ki bwe yanvuddeko?"

146 Mikaaya n'agamba nti, "Nnalabye Katonda, n'eggye Lye, olukiiko Lwe, nga lutudde mu Kitiibwa."

147 Omanyi, Katonda wabaawo lw'abeera n'olukiiko, waggulu Eyo. A—Ayita Ba—Bamalayika Be n'atuuza o—olukiiko, olumu n'olumu, waggulu eyo mu Ggulu.

148 N'agamba nti, "Nnamulabye nga atudde ku Ntebe ey'obwakabaka, nga abantu bonna bayimiridde gy'ali ku mukono Gwe ogwa ddyo ne ku gwa kkono." N'agamba nti, "Baabadde bateesa nga beebuuza nti, 'Tuyinza kutuma ani agende asendesende Akabu, amuleetere okugenda erudda

wano atuukirize obunabbi bwa Eriya? Ekinaabaawo, Katonda yakyogera dda, kati leka tufune asobola okugendayo.'

149 "Ne wafuluma omwoyo ogw'obulimba ne gujja okuva wansi," eyo weewaawo, y'emagombe, "ne gujja mu maaso ga Katonda ne gwogera nti, 'Nnaafuluma, ne nnyingira mu babuulizi abo ne mbaleetera bonna okulagula eby'obulimba.'" Ha, ekyo nga kyabasunguwaza. Ekyo nga kyabaleetera okwewulira mu ngeri etategeerekeka, era, "Ne gugamba nti, 'Nja kugenda ndeetere ababuulizi abo, buli omu ku bo, okulagula eby'obulimba.'" Ne gukka ne guyingira mu babuulizi abo, ne batandika okulagula eby'obulimba.

150 Era, ow'oluganda, Katonda y'omu afugira ku Ntebe ey'obwakabaka y'emu leero. Era omwoyo ogwo gwe gumu ogw'obulimba gukoze ekintu kye kimu ne leero, ne gulagula eby'obulimba.

151 Baasigala bayimba nti, "Mirembe, mirembe, mirembe," Ssematalo Eyasooka bwe yaggwa.

152 Leka mbalage gye kiva. Mu Ssematalo Eyasooka, Bufalansa, erudda eri, bwe baava ku Katonda, mu myaka gya Lukumi mu lunaana mu Kyenda, ne batandika . . .

153 Kati ŋŋenda kukwatako katono ku mpisa, kale mutuule mukkalire okumala akaseera.

154 Mulabeeyo, edda eri, mu ntandikwa, mu Bufalansa, eyo obwonoonefu n'obugwenyufu gye byatandikira. Bwe waba waali wabaddewo ekifo ekijjuddemu okwejalabya mu nsi, ekifo ekyo ky'ekibuga Paris, mu Bufalansa. Kati kyenkana mbaddeko mu bifo ebisinga obungi, naye ekyo ky'ekifo ekisingayo obubi kye nnali ndabye. N'ekibuga London, eky'Ebungereza nakyo tekyawukana. Era kati n'Amerika enaatera okutuuka awo. Bwe kiri. Awo we bali.

155 Buli mulundi lwe mumenya empisa ez'okweyisa nga omukyala, muba mumenya nkizi ya ggwanga.

156 Wano, bw'ogenda mu mawanga gaabwe, n'ogamba nti oli muminsani, tebaagala . . . Bakubuuza kimu nti, "Ogenda kutugamba kukola ki, ogenda kutuyigiriza kuyimba nnyimba ncaafu zikwata ku bakazi baffe, oba ku bawala baffe? Ogenda kutuyigiriza bwe tulina kugoba bakazi baffe? Ogenda kutuyigiriza ngeri ya kunywamu mwenge kweyisa nga bwe tweyisa?" Ekyo kye tuli.

157 Tweyita ggwanga linnaddiini, ggwanga ly'Abakristayo. Naye, "abakaafiiri" bali mu Afirika basobola okutuyigiriza empisa, engeri gye tusaanidde okweyisaamu. Ekifo ekikyasinzeeyo obuvundu, mu Amerika, manya, mu nsi yonna, kyenkana, ly'eggwanga lino, mu mbeera mwe lituuse. Weewaawo, ndi Mumerika. Naye, ow'oluganda, sisobola kukyebeera, nga ndi mu maaso ga Akabu oba Yekosafaati . . .

Kale nteekwa okwogera ekyo Katonda ky'agamba nti ge Mazima. Ekyo leero, ekkanisa ky'erina okukola. Bwe kituuka ku kusalawo wakati w'eggwanga ne Katonda, Katonda gwe mulina okukulembezanga, bulijjo. Yee, ssebo.

158 Mwetegereze, mu Bufalansa, baatandika ebikolwa byabwe ebivundu, n'okweyisa nga bwe beeyisanga. Katonda n'asindikayo Bugirimaani, n'ebakangavvulamu. Ffe ne tugendayo okubataasa. Naye ekyo bwe twakikola, ne tuwangula olutalo, ne tugobaganya Abagirimaani ne badda okwabwe, ne batabagana n'Abafalansa, baakomawo eri Katonda? Nedda, ssebo. Abakazi, emyenge, okwenyigira mu bikolwa eby'obuseegu, ekibi n'obugwenyufu obususse.

159 Era baakola ki? Kiki ekyabaawo? Wano we yatandikira. Eyo ssetaani gye yasimba ekitebe kye. Yatandikira, eyo yennyini, okugwagwawaza ensi, mu kibuga Paris, mu Bufalansa.

160 Era, bwe weetegereza, wano teyasobola kuyingirawo nga ayita mu buweereza, kale kye yakola kwe kuyita mu Hollywood n'ajja wano. Yateekawo Holl-. . .Ekitebe kye yakisimba wano mu Hollywood. Ssetaani yajja n'asenga wano, emyaka mitono egiyise, emyaka nga kkumi oba kkumi n'etaano egiyise, n'eggye lye ery'amaanyi, n'agenda, n'agumba mu Hollywood, California. Era kati alumbye eggwanga ly'Amerika n'amaanyi ge ag'emizimu. Bwe kiri. Emisono gyaffe gyonna giva mu Paris. Ne bagitwala mu Hollywood, ne bagiteeka ku ntimbe. Abaana bano abato abawala n'abalenzi, n'abalala, ne bajja, ne balaba firimu ezo eziragibwa ku ntimbe.

161 Abaana abato bambi, abaana abato abalungi, ssibalinaako nsonga yonna. Katonda awe emitima gyabwe omukisa. Omutima gwange gulumwa nnyo ku lwabwe.

162 Era wano wennyini mu kibuga, nnali njogera ne. . .omu ku. . .bavubuka bange, olunaku lwa luli. N'aŋŋamba nti, "Taata, wano singa mu kibuga kino, wabaddewo abavubuka, abalina Omwoyo Omutukuvu," n'ebirala bwe bityo. Mwandiba nga mwebuuza lwaki nnali nsenguka okugenda mu Denver, Colorado, n'ebifo ebirala bwe bityo? Nnali njagala kutwala baana bange mu kifo awali ekibinja ky'abantu abakaabirira Katonda; ekyo kye twetaaga, ow'oluganda.

163 Ensi eno, eggwanga lino, ekibuga kino, ekifo kino, kisiiwuuse nnyo empisa okutuusa lwe lifuuse erisaasirwa. Nyabula mu kaseera kano singa mbadde nsobola okubannyonnyola obulungi kye mmanyidde ddala nti ge mazima gennyini, toyinza na kukyogera mu kibiina kirimu bantu bakulu na baana bato. Oba, wano wennyini mu kibuga kino kyennyini; si wano wokka, naye ne mu bifo ebirala, buli wamu, kitandise oku. . .

164 Kubanga lwaki? Abantu. . .Mulabeeyo, ab'emikwano, kisikiriza okukamala. Kisensera mu ngeri ey'amankwetu,

okutuusa lwe kikutuga ne kikutta. Ssetaani yatera kubeeranga mu misono. Yandiba nga tavangako mu misono, naye talekeranga awo kukola, ekyo leka nkibagambe. Akyakola.

165 Mulabeeyo, leero. Tutwala, nga bwe nnayogedde gye buvuddeko, ku muwala omuto, omuwala omuto eyalina ekimuli. Okugeza, ekimuli, kirabika bulungi; kiriwo kutunuulirwa, bwe kiri. Era bw'etyo n'ekkanisa bw'eri, eriwo kutunuulirwa. Kiringa omukazi omuto alabika obulungi, aliwo kutunuulirwa. Bwe kiri. Naye bw'aba. . .Alabika bulungi, era ekyo, alabika bulungi eri bba, ta—talina nsonga yonna. Naye bw'ataba na kitala kya mpisa nnungi nga kisowoddwaayo okusobola okumukuuma, afuuka eky'esittaza mu kitundu n'eri abantu; aggwaamu ensa n'aweebuuka n'avunda n'embwa ne zituuka okuba nga zimwenyinyala okumutuunulako. Bwe kiri.

166 Era kye kimu n'eri Ekkanisa ya Katonda omulamu. Bagenda ne bagezaako okwerunjiya n'okwewunda, ne beeyisa nga. . . Abakazi baabwe ne babambula, ne batuuka. . .naye abantu ne batakitegeera na kukitegeera nti gino mizimu gye girumbye amaka gaabwe.

167 Jjuuzi ku muliraano gye mbeera, waliyo omukyala omuto, gwe ndowooza nti mukazi mulungi, era mukazi mufumbo, alina n'omwana, naye omukazi yafuluma wabweru, waliwo omusajja eyajja okubaako omulimu gw'akola, omukyala ono omuto n'avaayo nga ayambadde obugoye obwo obumpi, nga yenna yeesitaza.

168 Bino si bye bigambo ebirungi okwogera ku Lunaku lwa Maama, naye, muganda wange, leka mbeeko ne kye nkubuulira: Maama, ddayo mu kubeera maama omutuufu!

169 Okutuusa n'akalenzi akato akaali kakyadde ku muliraano, lwe kaayingira munda ne katubuulira ku mukazi oyo ne kagamba nti, “Mulabe.”

Ne ŋŋamba nti, “Ekyo nno, temuli.”

170 Omukazi oyo mukazi mulungi. Sigamba nti yasiiwuuka empisa. Naye, kye ŋŋamba, kiri nti, waliwo omwoyo ogw'obonoonefu, omwoyo ogw'ekikaba ogumuliko, gwe gumuleetera okukola ekyo, naye takimanyi.

171 Kiki ddala ekiyinza okuleetera maama, oba omuntu omulala yenna, okwambala obugoye obubi obw'engeri eyo, yeetimbe mu maaso g'omusajja? Mwannyinaze, oli mulungi. Maama, oli mulungi. Nneebaza Katonda ku lulwo. Naye, olabika bulungi, naye bw'oba tolina Mwoyo Mutukuvu munda mu ggwe kukuuma mpisa ezo, kisingako n'oba nga olabika bubi nnyo ne wataba n'omu akwegomba, naye n'ogenda mu Ggulu. Bwe kiri. Ekyo kituufu. Weegendereze by'okola; empisa ezo.

172 Kaakati, kiki ekibaddewo, ssetaani ayingidde n'agamba abantu ebintu bino. Ayingidde mu babuulizi; akoppa bikolebwa

mu Hollywood. Abawala n'abakyala abo abakyali abato, bakoppa bikolebwa mu Hollywood. Ebintu ebisingayo obulungi bye balina mu ggwanga leero, ebintu ebisingayo okuba ebivundu by'oyinza okuwulira, bye boogerako; by'ebyogerwako ku leediyo.

173 N'olaba omukazi omukadde nga Mukyala Kay Star, simulinaako nsonga yonna; naye n'olaba omukazi omukadde, ow'emyaka amakumi ataano, ne byonna by'ali, nga ayambadde obugoye yenna bumumiimye okukamala, alinga gwe baapakidde mu kadeeya. Ekyo sikyogera kubasesa, kubanga ebintu ebyo mbivumirira. Naye omukazi eyeeyisa mu ngeri eyo, okwagala abeere eky'okulabirako eri abakazi Abamerika abakyali abato, kiweebuula eggwanga lyaffe. Oyo ssetaani.

174 Abantu nga Arthur Godfrey n'abalala ne beetalira wano, nga bakola ebintu nga ebyo bye bakola, kyokka nga bantu abakukunavu ennyo mu ggwanga, mazima, ddala, kiswaza.

175 Aleruuya! Ekyo nkyogera kubanga mpulira Omwoyo Omutukuvu ali wano. Waliwo okulumbibwa, era kugenda kusaasaana buli wamu nga kuva nnyumba ku nnyumba, kifo ku kifo, kkanisa ku kkanisa, muntu ku muntu.

176 Mmwe abaana, mu Linnya lya Yesu Kristo, mugolokoke n'omutindo gw'empisa ez'okudda obuggya n'ogwa Mukama waffe Yesu Kristo, mugambe nti, "Nja kugenda n'abatono ba Mukama abanyoomebwa." Yee, ssebo. "Ŋŋenda kubeera maama yennyini." "Ŋŋenda kubeera taata yennyini."

Ensi yonna, na buli kimu, ekyetoloodde emmeeme yange ne bwe binjabulira,
Asigala y'essuubi era okubeerwa kwange.

Kubanga ku Kristo, Olwazi olugumu, kwe nnyimiridde;
Awalala wonna musenyu ogukka,
Awalala wonna . . .

177 Kiki ekiviiriddeko ebintu bino byonna? Kiki ekiviiriddeko abaweereza okweyisa bwe bati? Kiki ekiviiriddeko ababuulizi okulagula obulimba buno eri abantu?

178 Kyava ku ki, emyaka egyayita, mmwe Abamesodisiti . . . Bwe baawaniriranga musajja mukulu John Smith okumutwala mu kituuti kye, okubuulira Enjiri, n'abuulira obubaka obumpi bwa ssaawa nnya. N'agamba nti, "Omutawaana guli nti, omutima gwange gumenyeka." N'agamba nti, "Abawala Abamesodisiti kati bambala n'empeta ku ngalo zaabwe."

179 Naye, leero, bambala ebinu n'obugoye obulabika obubi obwesittaza. Era bajja kuyita bukunya, mu myaka etaano egijja mu maaso, singa tewabaawo kikolebwa. Kiki ekyabatuukako mmwe ababuulizi Abamesodisiti, mmwe ab'enzikiriza ya Campbell, nammwe Ababaputisiti? Yee, ssebo. Oyo ssetaani, y'assizza wansi amaanyi ge, era ayiye budayimooni bwe wano.

180 Naye temukitegeera, nti mmwe okunywa sigala, mmwe abakazi, n'okweyisa nga bwe mugenda mweyisa, ne munywa omwenge n'okwejeeguula nga bwe mukola, temukitegeera nti mwekantakira butwa mu mibiri gyammwe, era muli mu kwonoona omulembe gwonna ogulibaddirira, bwe gulibaawo. Mulina ebitundu kinaana mu bitaano ku kikumi okulwala kookolo, olw'okufuuwa sigala, naye era ne mugenda mu maaso ne mukikola mu bugenderevu. N'amakanisa ne gakiwagira.

181 Mu kkanisa y'Ababaputisiti emu, erudda wano, gye buvuddeko . . . Nkuba Bababaputisiti. Ekyo nnina olukusa okukikola; kubanga abo bagwa ku ludda gye nnava. Naye baafunanga ekiseera eky'okuwummulamu wakati wa Ssande sukuulu n'olukuŋŋaana olw'okubuulira, omusumba n'abalala bonna basobole okugenda wabweru bafuuwe ku sigala, oluguudo lwonna ne lukwatirira abasajja n'abakazi abafuuwa sigala. Ekyo ssetaani y'akikoze. Bwe kiri.

182 Ne, wano wennyini mu kibuga kyaffe, omu ku baweereza baffe abasingayo okuba ab'amaanyi, emmanga wano mu New Albany, mu kisaawe kino, omu ku baweereza baffe ab'amaanyi nga ye yakulemberamu enteekateeka y'amazina aga sikweya dansi, okuleeta abasajja n'abakazi ku bituuti.

183 Ssifaayo kiki ensi ky'egamba, ssifaayo kiki kye mugezaako okkukusa; ow'oluganda, tewali musajja alina musaayi mumyufu awambaatira muka musajja, n'asigala nga bw'abadde. Ekyo mukimanyi nti kituufu.

184 Batutte abakazi baffe, ne babambula engoye; eyo mu mawoofiisi, bali na mu kuvuga takisi, na kwetawula nga bwe badda eno n'eri ku nguudo. Mu kifo, ky'okubeera eka, ku mabbali g'amasiga, nga bafumba, bategeka eky'okulya.

185 Kivudde ku ki? Ku ssetaani. Waliwo okulumbibwa. Soogera ku muntu yenna oba *ono* oba *oli*. Naye ŋŋamba nti egyo myoyo egitali mirongoofu gy'egyambadde abantu, ne gibakozesa ebintu eby'engeri eyo. Okulumbibwa kw'eggwanga ly'Amerika.

186 Okuwambibwa kw'ekkanisa. Ssetaani awambye ekkanisa. Edda eri . . .

187 Kati baddira omuvubuka ne bamutwala, oluba okutuuka mu ttendekero ly'eby'eddiini, ky'asooka okuyiga y'engeri gy'anaafunamu ddiguli ze. Alina okusoma endowooza y'abantu. Alina okuyiga enjigiriza z'eddiini. Alina okuyigiriza, alina okuyingizibwamu enjigiriza eza buli ngeri. Bw'ataba na buyigirize bulungi kimala, bw'ataba mugezi era nga si mwogi bulungi, bamugoba; mbu talina bisaanyizo. Aba alina kukola ki? Alina okugenda n'ayogerako eri abantu ebigambo ebitonotono eby'obufuzi, bwe bityo, ebigambo eby'obufuzi mu kkanisa, eri ekibinja ky'abantu, ekibinja ky'abasajja n'abakazi abafa.

188 Ai Katonda, tuweerezeeyo abasajja ab'enkola ey'edda, emmekete abatasobola na kwawula nnyukuta ya A ku nnyukuta

ya B, naye abamanyi amaanyi ag'okuzuukira kwa Mukama waffe Yesu Kristo, abanaabuulira okwenenya, baleetere abasajja n'abakazi okukka wansi ku wolutaali, baagale Mukama waffe Yesu. [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]

189 Kuweebuuka. Alumbye amatendekero g'eby'eddiini. Alumbye amakanisa. Ayambuddemu abakazi baffe engoye. Atuusizza abasajja baffe mu mbeera nga toyinza kubaako kintu kyonna ky'obagamba. Era abasajja n'abakazi, ndowooza . . .

190 Muyinza okugamba nti, "Naye, ebyo bakazi be babikola." Weewaawo, naye nammwe abasajja abakkiriza bakazi bammwe okukola ebintu eby'engeri eyo, ekyo kiraga kiki kye muli. Ky'ekyo kyennyini. Mazima ddala. Kya nsonyi. Kya nnaku.

191 Bw'avudde awo n'atuuka ne ku mubuulizi. Olwa leero, omubuulizi ayimirira mu kituuti, ekituuti eky'omulembe. N'ayimirira awo, abantu be nga bali mu maaso ge, n'abuulira ku buli kimu kyonna ekiri mu nsi nga ojjeeko okwenenya n'ekibi, n'omusaalaba gwa Kristo. Weewaawo.

192 Bw'olambika amazima; abantu bajja kujja bakuwulirize, mu lukuŋŋaana lw'enjiri. Bw'onaagezaako okujjayo ensonga yennyini obuulire Enjiri, oleetere abantu okwenenya n'okutereera. Bajja kusituka bafulume bagende, tebaagala kugiwuliriza. Nedda, tebaagala. Naye, ab'oluganda, bateekwa okwenenya oba si ekyo bajja kuzikirira.

193 Emizimu! Mmwe mugendeeko mu masomero; girumbye amasomero. Mulabe ebigenda mu maaso, mu ggwanga leero. Mulabeeyo, bantu mmwe, mmwe ab'enzikiriza ezaawakanya Obukatuliki. Mulabeeyo, waliwo amasomero ana amanene agali ku musingi gw'Obukatuliki n'ebiringa ebyo, agazimbiddwa leero. Lwaki kiri bwe kityo? Mussizza wansi emitayimbwa.

194 Ssivumirira Bukatuliki, newankubadde sibukkiririzaamu. Ndi wa nzikiriza ezaawakanya Obukatuliki kakongoliro. Ekyo ddala bwe kiri. Nsobola okukakasa nti teba . . . Toyinza kuwakana nabo. Bajja kukugamba kimu nti, "Ffe tetufaayo ku kiki Bayibuli ky'egamba. Tumanyi ekyo ekereziya ky'egamba."

195 Katonda ali mu Kigambo Kye. *Muno* Katonda mw'ali.

196 Naye waliwo abamu ku Bakatuliki, abeesigwa eri ekereziya yaabwe, abasobola n'okukukwasa ensonyi, ggwe ow'enzikiriza ezaawakanya Obukatuliki. Singa musobola okunywerera ku Bayibuli, nga bwe banywerera ku kkereziya yaabwe. Bwe kiri. Naye, bakyamu. Ekyo nsobola okukyogera wansi w'obuyinza bwa Katonda Ayinza byonna, nti, bakyamu. Mazima ddala.

197 Ate nammwe ab'enzikiriza ezaawakanya Obukatuliki muli bakyamu, olw'ebyo bye mukola, kubanga ekituufu kye mulina okukola mukimanyi, naye temukikola. Ekyo kibafuula bannanfuusi. Mazima ddala, okwo kulumbibwa; amakanisa galagayizza. Era kati mu kifo ky'o . . .

198 Ekkanisa, bagezaako okufuula ekkanisa erabika obulungi, ne bazimba ekkanisa esingako obunene, ne bagiteekako obutikkiro obuwanvu, n'ennanga ennene okukamala, ne bakola buli kimu kyonna nga bagezaako okukoppa ekereziya Katolika. Temwetaaga kukoppa ekereziya Katolika, nga yasalirwa omusango ogw'okuzikirira. Kubanga, ekyo kiri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, yasalirwa omusango ogw'okuzikirira. Kale bwe mugikoppa, nammwe mujja kugigoberera.

199 Naye kye twetaaga leero, si kkanisa ennene, si butikkiro obuwanvu, wabula ze wolutaali ziri ez'enkola enkadde ebibi we byokerwa, wansi w'essaala entukuvu okuva mu basajja n'abakazi abaagala Mukama waffe Yesu Kristo. Ekyo mukimanyi. Ekyo kye twetaaga. Mumpulirize, ab'emikwano. Mumpulirize. Kwagala.

200 Obudde bwange buweddeyo. Naye nnandyagadde nneeyongere okukkaatiriza ensonga eyo, naye, ndowooza, nnaagyongerako, mu maaso awo, ndage okulumbibwa okwo, wa we kutuuse. Kulumbye. Kulumbye amawanga gaffe. Kulumbye eggwanga ly'Amerika.

201 Kaakati mujjukire kino, sikubanga ku kalulu mu bulamu bwange, mukiraba, ekyo si kya kwenyumiririzaamu, kubanga eryo ddembe lyange ery'obwebange nga Omumerika singa mba njagadde okukikola. Naye ndowooza nnyo ku mikwano gyange, okubasindikayo. Mulabeeyo, mbalabye nga babiyingiramu nga abasajja abalimu ensa, naye ne bakomawo nga bayaaye, ate ekyo sikyagala.

202 Nnina ekintu kimu kyokka. Ndi wano nga nteekawo omusingi ku lw'Omuntu omu Oyo Eyeesimbyewo, era oyo ye Yesu Kristo, era Ye yekka. Mpaayo obudde bwange ku Lulwe. Bwe kiri. Era singa nsobola okutereeza ekkanisa, ebisigadde eby'ensi bijja kwerabirira. Bwe kiri.

203 Naye muleke mbabuulire, Mw. Roosevelt (Musajja wattu yafa, leka awummule, nzikiriza nti yawummula.), bwe yajja, ne yeesimbawo ebisanja bisatu oba bina, nga bamuwangula, mu kulonda kuno okusooka mu ngeri y'obwa nnaakyemalira, ekyo nsobola okukibakakasa mu Byawandiikibwa, we nnagambira nti kiribaawo. Bwe kiri. Tetukyalina Ssemateeka, yenna baamumenyamenya, buli kimu bakittattanye. N'ab'ekibiina ky'eby'obufuzi ekya Republican nabo babi, byonna, bifaanagana tekuli kisinga kinnaakyo.

204 Kubanga, buli bwakabaka bulisaanyizibwaawo, naye Obwakabaka bwa Yesu Kristo bulibeerera era bufuge emirembe n'emirembe. Bwe kiri. Ku. . .Danyeri yalaba Olwazi olwatemebwa okuva mu nsozi, ne lukuba ensi y'eby'obufuzi mu biseera biri ne lugibetenta n'efuuka ensaano bw'etyo, n'efuuka nga eŋŋaano ku gguuliro mu biro eby'omusana. Naye Olwazi

olwo lwagejja ne lufuuka olusozi olunene ne lubuutikira e-. . . ne lujjula obwengula bwonna n'ensi. Bwe kiri.

205 Eby'obufuzi byonoonese. Eggwanga lyaffe lifudde. Ekyo mukijjukire, nti Ow'oluganda Branham yagamba nti, BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Eggwanga lyaffe lyonoonese. Teririddamu kusituka. Lyonoonese, nga amawanga amalala gonna. Leero, ly'eggwanga erikira amalala gonna mu nsi yonna, naye ensigo ya ssetaani yennyini y'esigiddwa mu mitima gy'abantu; nga bwe yayingira Hollywood, n'evaayo n'eyingira mu bantu, ne batandika okweyisa bwe *bati*. Era tolina ky'osobola kubagamba.

206 Leka wabeewo Pulezidenti agezaako okuwera ebitamiiza, kati agezeeko okubiwera, mulabe ekinaabaawo. Bajja kumukuba amasasi, mu ssaawa bbiri zokka nga yaakayingira mu buyinza. Mazima, tasobola kukikola; ensi yonna ebeera ejja kumuvumirira. Yee, ssebo. Tosobola kukikola.

207 Eggwanga lyonoonese. Lirumbiddwa, era liwambiddwa omwoyo gw'obwannaakalyak'ani.

208 Genda mu masomero gaffe leero, tunuulira abaana baffe abasoma. Abaana baffe abato abasoma, singa mubadde mumanyi ebikolebwayo. Abawala abato mu masomero wano, n'ebifo bwe bityo, abali wakati w'emyaka kkumi n'ena n'ekkumi n'etaano, ba maama baabwe baabasindika ku ssomero basome, naye baagwenyuka, emitwe gyabwe gyayonooneka, baawambibwa ebiragalagala, baawambibwa emize, bafuuweesi ba sigala, n'ebirala ebiringa ebyo; ku myaka emito nga egyo, abaana abato bwe batyo. Kizibu okufunamu akyali embeerera nga bwe kiri ekizibu okunoonya empiso mu ntuumu y'ebisubi, ku nsisinkano ezitaliiko kutangirwa ze babeera nazo n'abalenzi, ne bagalamira eyo ku mbalama z'emigga n'awalala.

209 Era nsobola okukibakakasa, mikwano gyange. Nnandibadde ssikyogerera wano mu kituuti singa kye njogerako mbadde sikimanyi. Mu masomero ga wano wennyini mu—mu masaza gaffe, wano wennyini mu masaza gano, engeri abawala abo abato gye bambalamu, tebamanyi. . . ne bagamba ba nnyabwe nga bwe bagenda mu bifo eby'enjawulo, ne bagenda ne basisinkana abalenzi ne bendera ku nguudo za Louisville (Kiki ekyo?), ne batakoma ku ekyo naye ne bayimba mu kwaaya.

210 Kubanga, balina Enjiri ekwata obukwasi ku mbeera z'abantu eza bulijjo, ababuulizi we bayimirira ne babaako obuntuntu bwe boogerako, n'obuboozi bw'ebyo ebyabaayo mu Bayibuli, oba ekintu bwe kityo, mu kifo ky'okubuulira okwenenya n'okuleeta abasajja n'abakazi ku wolutaali.

211 Kitaawe w'omuwala oyo akomawo kiro n'akoleeza omunwe gwe ogwa sigala, n'akwata giraasi y'omwenge, n'atuula wansi n'agunywa. Nnyina asiiba bweru eyo, emisana lwonna, nga ali n'ekibinja ky'abakazi bali mu kabaga ka kuzannya zaala, na

kwesanyusaamu mu ngeri eyo. Kati omwana onaamusuubira otya okuvaamu eky'amakulu kyonna?

212 Mulabeeyo, embeera y'ekifo gy'obeera, ekyo naawe ky'oli.

213 Ggwe ddira omuwala omuto, oba omulenzi omuto, obeeko erudda wano w'omuteeka, nga alina gw'abeera naye. Ddira omusajja, nsobola okuleka mutabani wange, ne mbaako omuntu gwe mmulekera olunaku lumu; bwe nkomawo, nsobola okukubuulira ani gw'abadde naye. Mazima ddala. Weegendereze, embeera eyo ebeera emwetooloodde, omwoyo ogwo gumukwata.

214 Ogenda mu kkanisa, abantu bonna gye...ogenda mu makanisa agakkiririza mu Mwoyo Omutukuvu, manya—manya amakanisa g'Abapentekoote, nga bwe bagayita. Leka buli muntu a . . . Ha, badduka ne basuukunda emitwe gyabwe ne bagizza eno n'eri, nga ekyo omusumba y'akikola; ojja kulaba nga ekkanisa yonna etandise okukikola. Leka abasajja, abantu, basituke ba—batandike okwekola obusolosolo, oba ekintu ekirala kyonna; onaagenda okulaba nga ekyo bonna kye bakola. Genda mu kifo nga omusumba mukakanyavu okukamala era munnyogovu; ojja kulaba nga ekibiina kyonna bwe kityo bwe kikola. Oyingira mu mbeera eyo ebeera ekwetoloodde.

215 Ggwe leka omusajja alina empisa ennungi, awase omukazi ataliimu nsa; mu kaseera katono omusanga naye takyalimu nsa. Ekyo kye kyatuuka ku Akabu. Leka ekintu kye kimu kituuke, ne ku mukazi, leka omukazi omulungi afumbirwe omusajja ataliimu nsa; mu kaseera mpa we kaaga, ajja kuba akola ekintu kye kimu omusajja oyo ky'akola.

216 Nga nsobola okugenda mu maaso, enkya ya leero, nga mbasongera ku maka agoonoonese n'ebintu ebiri nga ebyo, abakazi abato abaagalwa gye bayingira mu bufumbo ne taata omutamiivu, n'ebintu ebiri ng'ebyo, nga balowooza nti waliwo kye bayinza okumukolera, naye okugenda okukkakkana nga ne maama n'abalala bonna batandise okunywa omwenge. Kiva ku mbeera ebeera ekwetoloode.

217 Kiki? Oyo ssetaani. Oyo ssetaani, kulumbibwa. Yalumba eggwanga lino, nga ali nga empologoma ewuluguma. N'afunayo ekifo ekisingayo obulungi wano kye baalina ne yeewaŋŋamya eyo, mu Hollywood. N'agamba nti, "Leka nsooke mbawe firimu okutuusa ttivi lwe zinaggulawo, olwo ndyoke mbafune." Ne yeewaŋŋamya eyo.

218 Kyokka abantu bannakkanisa, mu kifo ky'okuggalawo ebifo ebirabirwamu firimu n'okuziyiza abaana baabwe okugendayo, babawa ssente kkumi ku Ssande olw'eggulo ne babasindika bagendeyo, bo nga abazadde basobole okugendako mu kabaga ak'okwesanyusaamu bazannye zaala, babeereko n'ekiseera nga bali bokka banyumirwe. O, nga kiswaza. Kati bassaako bussa

ttivi ne balaba ebintu ebicaafu, ebivundu ebitaliimu makulu ebyo byonna ebiri mu nsi, ku ttivi eyo. Bwe kiri.

219 Sivumirira firimu. Sivumirira ttivi. Naye nvumirira bintu ebyo ebivundu ebibeerako. Ebyo bye nvumirira. Singa mwabikuumira mu kulaga ebintu ebirimu ensa, byandisigadde birimu ensa.

220 Olwa leero, tokyayinza n'akatono, kutunda ngatto ziri ez'edda ze basibisa mapeesa. Abakazi tebazaagala. Baagala zino ez'obugere obulabika. Kubanga abakazi abalala bakikola. Bwe kiri.

221 Bw'ogenda ku kkanisa, tokyayinza kubaagazisa ddiini eri ey'enkola enkadde, kubanga, omukazi oli, tagyaagala, nedda, tagyaagalirako ddala. Nedda, ssebo. "Tekinneetaagisa kugenda mmanga eyo. Nze nzikiriza bukkiriza, ekyo kimala." O, ow'oluganda, ne ssetaani, akkiriza. Bwe kiri. Ku bibiri olina okwenenya oba okuzikirira.

222 Kati, munsonyiwe; nedda, sisaba kunsonyiwa. Nedda, sisaba kunsonyiwa. Nedda, ekyo nkimenyawo. Njagala nnyo abantu. Naye mba—mba—mba—mbaagala nnyo okutuusa nti ssaagala kubalaba nga mwebbika mu kintu bwe kityo. Katonda bw'anaaba ayagadde, kino nja kweyongerayo nakyo mu wiiki eno.

223 Kaakati eri mmwe ba maama nga muli ba maama ddala, leka mbeeko ne kye mbabuulira nga temunnagenda. Katonda abawe omukisa. Mukuze bulungi abaana bammwe.

224 Tujja kwongera okwogera ku kulumbibwa kuno; tukyalina okwogera ku maka, n'ebifo ebirala bingi, amasomero, n'ebifo ebiri ebweru eyo nga twogera ku kulumbibwa kuno. Tujja kweyongera okukwogerako.

225 Naye, okulumbibwa kw'eggwanga ly'Amerika, ssetaani yaliwamba. Temutya Russia. Russia terina ky'ekoze. Ffe bennyini ffe tukikola, obuvundu bwaffe bwennyini obuli mu makkati gaffe. Bwe kiri.

226 Mukimanyi nti Amerika ly'eggwanga erisingamu emisango egy'ekuusa ku kwawukana kw'abafumbo okusinga amawanga amalala gonna mu nsi? Lye lisingamu okwawukana kw'abafumbo; kirowoozeeko. Ekyo tekyennyamiza? Obwannakazadde bumenyese. Ba maama tebakyabeera waka na baana baabwe, nga bwe baakolanga. Bagenda kunoonya mirimu.

227 Jjuuzi wano, waliwo omusajja alina ekifo omutundirwa eby'okulya mu kibuga kino, eyali ayogera nange ku nsonga eyo. Abakazi bano abakola mu makolero ag'olukale, abakazi bano abato abafumbo abalina oluseregende lw'abaana. Bafuna abalabirira abaana. Bo ne bagenda okukola mu bifo bino eby'olukale. N'agamba nti, "Waaliwo babiri ku bo abaali

bayimiridde awo, bwe baabayimiriza balekere awo okukola, ku mirimu gyabwe egy'olukale, ne bagamba nti, 'Teweeraliikirira. Mu buli ngeri, tujja kubaako engeri gye tuyiiyaamu.'"

228 Ha, twolekedde ekiseera eky'obwamalaaya ekibi ennyo. Mazima ddala. Ssetaani abagambye nti be bafuga amaka. Bajja kukola ssente ezaabwe. Bajja kukola kyonna kye baagala. Kati ggwe kibaggyeemu, bw'oba osobola.

229 Waliwo ekintu kimu kyokka ekisobola okukibaggyamu, kwe kukka ku wolutaali, mu maaso ga Yesu Kristo, eddiini ey'enkola enkadde, ey'okukulukusa amaziga enaamenya emitima gyabwe n'egiyuzaaayuza, n'ebafuula ekyo kye bateekwa okuba. Bwe kiri.

230 Bayinza okundowooleza okuba ow'enkola enkadde. Naye ku lunaku luli bw'oliba ofa, muganda wange, mwannyinaze, olikitegeera nti nnakubuulira Mazima. Bwe kiri.

231 Waliwo okulumbibwa, okugenda mu maaso, kino ky'ekiseera. Kati, kaakati, wewaawo, n'ekirala, kiseera kya kusalawo, kiseera kya kusalawo, si kusalawo kujja buzzi ku kkanisa, naye kiseera kya kusalawo oba onaaweereza Kristo oba onaasigala oli wa kibuguumirize mu kkanisa yo. Era ekyo bwe kiri.

232 Waliwo bammemba b'ekkanisa bangi nnyo. Singa ba mme-. . .manya abantu abali mu Amerika abeeyita Abakristaayo, singa babadde Bakristaayo ddala bennyini, nga Bakristaayo abaazaalibwa omulundi ogw'okubiri, ow'oluganda, twandibadde n'obukuumi kyenkana, nga tuli nga abali mu Ggulu, tewandibaddewo ntalo na mitawaana, yee, ssebo, endwadde tezandibadde mu nsi, n'ebirala byonna.

233 Tekyandibadde kirungi okuba nga otambula mu luguudo n'olaba omukazi nga ajja atambula, omusajja n'amusisinkana n'amubuuza nti, "Oli otya, mwannyinaze? Wasuze otyanno, ow'oluganda"? N'otambula, nga tewali. . .Nga tewali kintu kyonna kye weeraliikirira. Nga buli kimu kitambula bulungi byonna biri ntende. Nga singa wabaawo abeera ajja atambula mu luguudo; naye mu kifo ky'okwagala okukutomera, n'ayimirira, n'akugamba nti, "Kale, ow'oluganda. Kale, obadde. . .O, kulemberamu," mukiraba, n'akuwa akagaanya oku. . .Ekyo tekyandibadde kiyitirivu nnyo? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Tujja kuba nakyo, naye kya kubaawo mu kufuga okw'emyaka Olukumi, ow'oluganda. Olunaku lusembedde. Bwe kiri. Kale kati tetu. . .

234 Nnayimirira ku muliraano, wano olunaku lwa luli; muliraanwa ssimulinaako mutawaana gwonna, naye nneetegereza abaana baffe abato. Mukyala wange yali akaaba. Waliwo dokita omu mu kibuga kino, kawala ke kaateranga okubeera ne kawala kange, era nga baamukwano; okutuusa lwe baakizuula nti erinnya lye ye Branham, era muwala wa

Levulandi Branham. Awo enkolagana we yakoma. Akawala tekaddamu kubeera na kawala kange. "Bannange," muli ne ndowoozaamu nti, "kale, tewali buzibu."

235 Abamu ku baliraanwa ne bajja, ne bagamba nti, "Naye, kyali kituufu." Kale, kye baava bagenda ew'omusumba waabwe. Teweetaaga kuŋŋamba. Omanyi, nni—nnina engeri gye mmanyaamu ebintu bingi, mukiraba. Kale ba—baagenda ew'omusumba waabwe, ne bamugamba nti, "Omanyi, waliwo omusajja abeera ku muliraano gye tubeera, mulungi nnyo eri abaana baffe." Ne bagamba nti, "Ayitibwa Levulandi Branham. Abatwala, n'abateeka mu mmotoka ye, n'abatwala okubasanyusaamu."

236 N'agamba nti, "Kale, uh, *Ahem!* Tetulina buzibu bwonna na Levulandi Branham. Talina buzibu, naye, mulaba, ali mu ttuluba lya bantu ba njawulo okwawukanako naffe." Weewaawo. "Ffe, nna—nnandyagadde muleme ku . . . omanyi, ssandyagadde ku . . . Mwogerenga nabo, era mubeere ba mikwano, naye kikome awo."

237 Ha, ow'oluganda! Mukyala wange yali ayimiridde awo, nga akaaba. Ne mmugamba nti, "Mukwano, olwo lukoloboze olwawula. Naye nze n'ab'ennyumba yange, tunaaweeerezanga Mukama."

238 Ensi yonna ne bw'enjabulira; Yesu asigala w'ali! Oba banampita omuzoole, oba nga ab'ekika kyange bana-. . . oba bannange bananjabulira, n'abalala bwe batyo, era nja kulondawo Yesu Kristo. Weekwate ku mukono gwa Katonda ogutajjulukuka. Mikwano gyo ab'oku nsi bwe bakwabulira, weeyongere okumunywererako. Munywerereko.

239 Ayi Katonda, nnyamba mbuulire nga bwe ssibuulirangako. Nnyamba mbuulire eri abantu abafa, nga omuntu afa, nze kennyini. Nnyamba mbuulire eri abantu nga nninga atalifuna bubaka bulala bwa kubuulira. Leka mbasendesende okujja ku wolutaali, n'obwenyi obukulukuta amaziga; baddeyo eka beeyise nga Abakristaayo, era babeere bwe batyo eyo gye babeera. Mukomye obusirusiru buno bwonna n'okwetala nga mudda eno n'eri, n'okubuuka n'okwejeeguula; n'okweyisa bwe *muti*, n'okubuubuuka olwa *kino,* n'okudda *eri*. O, ebyo temubikola. Oyo abeera ssetaani. Gibeera mizimu gye giba gisse ku Bakristaayo.

240 Mujjukire, abaweereza bali emmanga eri, abo baali bannabbi. Baali bannabbi. Baali basajja ab'omwoyo abawaangayo ssaddaaka. Baali bannaddiini ddala nga abayigiriza be tulina leero, naye, ow'oluganda, baali wala nnyo n'okutegeera amazima.

241 Temulaba ssetaani bw'ali munnaddiini? Ssetaani si muwak-, si kintu ekinene nga obwannaakalyak'ani, nti alwanyisa Bukristaayo. Si ky'ali. Kituufu, ha, ddala, bwa ssetaani, weewaawo, naye oyo si ye mulabe wa Kristo. Omulabe wa

Kristo munnaddiini nnyo, munnaddiini nnyo. Gwali mwoyo gwa ddiini gwe gwakomerera Yesu. Bulijjo babaddenga bannaddiini, abantu bannaddiini, be bakomerera. Baali bannaddiini be baalwanyisa Kristo omutuufu. Baali bannabbi bannaddiini be baalwanyisa Mikaaya. N'olwa leero bannaddiini ab'ekiseera kino be balwanyisa Obubaka bwa Katonda.

242 Mujjukire nti, mbalabudde. Mbagambye. Okusinga ennyo ssoogera ku Bakatuliki, na Babaputisiti na Bamesodisiti; njogera ku bantu abakkiririza mu butukuvu, bano bennyini abali wano. Mukirabe leero, bwe kifuuse katemba omwereere. Ha, bannange. Oluusi, nkyogerako mu buziba. N'omutima gwange ne gumenyeka munda mu nze.

243 N'ayimirira awo n'endongo, n'asuna endongo eyo, nga bwe bakuba endingidi bwe bayimba mbu, "Ono ye muvubuka omulunzi w'ente ow'omu Texas gwe bayita *Gundi?"* Omusajja oyo simulinaako nsonga yonna; naye ebyo by'eri mu nsi. Bwe kiri. Waakiri nnyimirira, ow'oluganda, nga sirina kintu kyonna, yadde, akantu konna, naye ne nnyimirira ne nnyimusa emikono gyange ne ŋŋamba nti, "Yesu, nkuumira kumpi n'omusaalaba." Yee, ssebo.

Nja kwetikka omusaalaba ogwo omutukuvu,
Okutuusa okufa lwe kulinsumulula,
Ŋŋende Eka nnyambazibwe engule,
Kubanga nninayo engule yange.

244 Eri mmwe bamaama enkya ya leero, ababadde ba maama bennyini ddala, era mmanyi waliwo bangi ku mmwe; ndowooza, buli omu ku mmwe. Muleke mbeeko ne kye mbabuulira. Katonda abawe omukisa. Ndowooza, ye mmwe Njiri ey'okutaano. Leka mbeeko ne kye mbabuulire ekikwata ku baana bammwe, kintu kitono nnyo. Kubanga, Ow'oluganda Neville oba oli awo ajja kubuulira ku. . .ku maama akawungeezi ka leero, oba yenna, omu ku ffe anaabuulira, kale, ajja kubuulira ku maama. Naye, muwulirize, muleke mbeeko ne kye mbabuuza.

245 Mujjukire, nti Musa bwe yali akyali mulenzi muto, yali maama ye yamuyigiriza eky'okukola. Yali maama eyali atya Katonda ye yaleranga Musa, n'amugamba nti, "Musa," n'amuyigiriza byonna. Ye yali omuyigiriza we, manya, maama oyo ye yali omuyigiriza we, manyanga, nga akolera wansi wa Falaawo, n'amugamba nti, "Kaakati, ebintu bino," n'amugamba nti, "Musa, lumu olinunula abaana ba Isiraeri. Ye ggwe muvubuka eyayitibwa. Weekuume nga oli mulongoofu era nga toliiko mabala ga nsi, kubanga ye ggwe. Ye ggwe."

246 Tewali kifo kirala kyonna kye tumanyi, gye yagenda mu ttendekero lya bya ddiini, okubaako okuyigirizibwa okw'engeri yonna, kw'afuna. Yabeeranga eyo mu lubiri lwa Falaawo, eyali omukaafiiri; naye maama we yamuyigiriza. Oyo ye maama omutuufu. Yamuyigiriza ebiragiro bya Mukama.

Yamuyigiriza bw'alina okuba omutukuvu. Yamuyigiriza bw'alina okweyisaamu n'obulamu bw'alina okutambuliramu, ne bw'alina, na kiki Katonda ky'alina okukola, ky'anaamukolera. Era Musa yanywerera ku kuyigirizibwa okwo ennaku zonna ez'obulamu bwe.

247 Era maama yenna omulungi, era omutuufu, omwesigwa anaatwala abaana be abato, mu kifo ky'okubasindika okugenda mu firimu ne mu ndongo, n'ebiri nga ebyo, wabula ajja kubalera abayigirize ebikwata ku Mukama waffe Yesu Kristo.

248 Jjuuzi wano, nnina maama gwe nnali njogera naye ku ssimu. Maama oyo n'aŋŋamba nti, "O, Ow'oluganda Billy," n'agamba nti, "mutabani wange ali mu buzibu." N'agamba nti, "O, nga ali mu buzibu obw'amaanyi."

249 Ne mmugamba nti, "Weewaawo, nkimanyi, mwannyinaze, omwagalwa." N'agamba nti, "Yandiba musobya. Ssimanyi." N'agamba nti, "Omu agamba *kino* ate omulala agamba *kiri*. Ssimanyi. Naye," n'agamba nti, "naye si nsonga oba musobya oba si musobya, nze mmwagala." Kiikyo, "Mmwagala."

250 Omuvubuka n'agamba maama we, nti, "*Kino* na *kiri* byannimbalimba." N'agamba nti, "Naye maama, nzikiriza nga ggwe mukwano gwange yekka gwe nnina; omukazi abadde ow'amazima gye ndi, era abaddewo ku lwange mu buli mbeera." Ogwo gwe mukwano gwa maama. Oyo ye maama yennyini anaawambaatira omwana we. Ne bw'aba musobya oba si musobya, asigala akyamwagala. Era oba Katonda... Oba nga maama asobola okulowooza bw'atyo ku mwana we, Katonda taasingewo nnyo okulowooza ku Wuwe. Mukiraba? Munywerereko. Genda mu maaso.

251 Era kati leka mbabuulireyo maama omulala, mangu ddala, okuva mu Bayibuli, nga tetunnamaliriza. Waaliwo maama eyali ayitibwa Kerodiya. Yayigiriza muwala we okuzina amazina ga tapu dansi. Yali ayagala muwala we abeeere wa ttutumu. N'azinira mu maaso ga kabaka, n'asaba omutwe gwa Yokaana Omubatiza. Tulina ebyafaayo ebikwata ku bazzukulu be nsanvu, omuwala ono eyazinira mu maaso ga (muwala wa Kerodiya), eyazinira mu maaso ga Kerode; abazzukulu be nsanvu, abamu baafiira mu bwamalaaya abalala nga babawanise ku miti.

252 Maama omu yayigiriza muwala we ebintu by'ensi; maama omulala n'ayigiriza muwala we ebintu bya Katonda. Omu yafuuka omukulembeze ow'ekitalo era omuwanguzi, era leero gy'ali mulamu mu bantu abatafa; ate oli omulala yagwenyuka era ali mu ggeyeena, era yatwalayo enkumi n'enkumi wamu naye. Mulaba kye ntegeeza? "Omwana mukulize mu kkubo erimugwanira okutambuliramu."

253 Era mazima ddala nnyolwa wamu nammwe bamaama abatudde wano abambadde obumuli obweru. Waliyo Eggulu maama gye yagenda, leero, maama omulungi ow'enkola ey'edda

eyabeerawo ku lwa Katonda, ob'oly'awo eyasomoka eggigi. Akulindiridde okujja. Bwe kiri.

254 Mbassaamu ekitiibwa nammwe abataddeko obumuli obumyufu. Maama wo, bw'obaako ekintu kyonna ky'oyagala okumukolera, kikole ennaku bisatu mu nkaaga mu ttaano omwaka. Mukyalireko mu nnyumba ye omusabire, era obeerewo ku lwa Katonda. Ekyo kye kintu eky'okukola. Era okuze abaana bo. Naawe abaana bo bwe balikula, balikuyita wa "mukisa," bw'olisomoka emitala w'eggigi. Ogwo gwe mwoyo omutuufu ogw'obwannakazadde, omwoyo omutuufu ogw'olunaku lwa maama. Olunaku lwa Maama lulina okubaawo ennaku bisatu mu nkaaga mu ttaano mu mwaka.

255 Luno lwe lunaku lwe batundirako ebimuli ne bagabira bannaabwe ebirabo, ebyo ensi by'ekola. Singa lusigalawo, ensi ne yeeyongerayo emyaka emirala amakumi abiri, bajja kubeera n'ennaku z'abatabani, n'ennaku z'abawala, ne, ennaku za bakizibwe, n'ennaku za ba kojja, n'ennaku endala, eza buli ngeri ezisobola okukyamuukiriza bantu mu by'enfuna. Eyo ensi gy'eyolekedde, butereevu mu ggeyeena, nnyo n'amanyi nga bwe kisoboka, eyolekedde kuzikirira.

Naye, mmwe, Katonda abawe omukisa, kwe kusaba kwange. Leka tusabe.

256 Kitaffe ow'ekisa ow'omu Ggulu, nga bwe twekkaanya ebyaliwo, enkya ya leero, n'ebirowoozo byaffe, edda eri, emyaka bikumi na bikumi egiyise, Yekosafaati bwe yayimirira ku mabbali ga Kabaka Akabu. Omwoyo omutono munda mu mutima gwe, gwe yali akyasigazza ku lwa Katonda, newankubadde nga yali akoze ensobi, n'amugamba nti, "Kino kikyamu. Kino kikyamu. Si kirongoofu. Si kitukuvu. Nnabbi yagamba ebintu bino tebiyinza kugenda mu maaso bwe biti." Era Omuliro gwa Katonda omutono ne gumuzuukusa.

257 Era Walina omuntu ow'okwanukula Omuliro ogwo, eyali Mikaaya, nnabbi omutuufu owa Katonda. Newankubadde nga yandiba yajja ayambadde nziina, newankubadde nga yandiba yajja anyoomebwa, nga bonna bwe bamutunuulira nga emisege egitunuulira omwana gw'endiga. Naye yayogera amazima, newankubadde baamukuba oluyi mu maaso, newankubadde yasuulibwa mu kkomera n'alya emmere n'amazzi eby'okulaba ennaku. Naye, era, ebigambo bye yayogera byatuukirira, kubanga Wali wamu naye.

258 Ayi Katonda, kikkirize, olwa leero, era twekaliriza mu Bayibuli eno. Tulaba ebitabo by'ekkanisa, ebitabo by'amateeka ekkumi, n'ebirala, eby'amakanisa, obulombolombo, ne tulaba engeri gye bakolamu *kino, kiri,* oba *ekirala.* Naye ffe tusaba tutunule mu Kigambo kino wano ekituufu, era tulabe kye Kigamba: "Awatali butukuvu, tewali muntu yenna aliyinza kulaba Mukama. Mugobererenga emirembe n'obutukuvu,

awatali, obwo, tewali muntu yenna aliraba Mukama. Oyo ayagala ensi, oba ebintu by'ensi, okwagala kwa Katonda tekuba mu ye."

259 "Mu nnaku ez'oluvannyuma ebiro eby'okulaba ennaku birijja. Abantu baliba beeyagala bokka, ab'amalala, abeenyumiriza." O, ebintu ebyo ebikulu, ebigenda mu maaso, ayi Mukama. "Abakakanyavu, abeegulumiza, abaagala amasanyu okusinga Katonda; nga bayigiriza abantu ebiragiro bya—by'abantu mu kifo ky'ebiragiro bya Katonda; nga balina ekifaananyi eky'okutya Katonda, naye nga beegaana amaanyi g'Omwoyo Omutukuvu" agaleetera omuntu okujjula Omwoyo, agamuleetera okusanyuka, agamuleetera okukulukusa amaziga okuva mu maaso ge, agamusobozesa okugenda wabweru okusabira abalwadde, agamuleetera okwogera mu nnimi n'okuzivvunula, agamuleetera okulagula. Omwoyo wa Katonda, Katonda omulamu, baamweggyako ne balondawo ekibiina kya munno mu kabi oba ekintu ekifaananako bwe kityo, "Nga balina ekifaananyi eky'okutya Katonda, naye nga beegaana amaanyi gaakwo."

260 Ai Katonda, leka ekibiina kino ekitono, ku lunaku luno, kigolokoke mangu ddala, mu kaseera kano kennyini, nga enkomerero tennatuuka, kutugwiikiriza mu mbeera eno. Tusaba, twezze buggya, nga Bayibuli bw'egamba nti, "Mugolokoke mwekunkumule. Era mubuuze ekkubo ery'edda, nga ly'ekkubo eddungi, era bwe mulizuula, mulitambuliremu." Ayi Katonda, tusobozese okuzuula ekkubo liri ery'edda ezzibu, we tusobola okuddamu okuyimirira awamu, mu bikumi n'ebikumi, ne tugatta wamu emikono gyaffe ne tuyimba nti.

Nja kugenda n'abatono ba Mukama abanyoomebwa.
Ntandise ne Yesu era ŋŋenda mu maaso.

Ayi Katonda, tuyambe okubeera ekyo era tukitambuliremu.

261 Wa omukisa bamaama abaagalwa bano bonna abatudde wano, ayi Mukama; nga bamanyi nti nabo bennyini, ba maama, nga batadde obumuli obweru ku bizibaawo byabwe, enkya ya leero, nga ekijjukizo kya maama omwagalwa eyasomoka n'agenda emitala. Ai Mukama w'Obulamu, bawe omukisa, ayi Mukama. Era leka nabo, baweebwe omukisa, era leka ebijjukizo by'abaana baabwe bibeere nga ebyabwe bye balina ku lwa ba maama baabwe, bw'aba yagenda ebusukkaggigi, mu Ggulu ery'ekitiibwa. Kituwe, ayi Mukama.

262 Era lumu ku makya obulamu bwe bulyamuka emisuwa gyaffe, nga omukka tubaka mubake, eggigi liryewenjula; era ob'olyawo, maama oyo alikka wansi, ku nkomerero ya Yoludaani, okutuyamba okusomoka. O, ku lw'olunaku luli olw'ekitiibwa lwe tulirinnya ekigere kyaffe emitala, awataliba...Empewo teryonoonebwa mukka gwa sigala. Teribaayo mutamiivu yenna

ku luguudo. Teribaayo malaaya. Teribaayo kibi. Teribaayo kintu nga ekyo. Naye, mu kitiibwa eky'emirembe n'emirembe, tulibeera eyo mu mirembe ne Mukama waffe Yesu Kristo wamu n'abaana baffe. Era, ha, nga luliba lunaku lukulu nnyo.

263 Ai Kitaffe, nga waliwo ekizikiza eky'amaanyi, n'olutalo, nga ssetaani alumba amawanga, nga alumba ebituuti, nga alumba amakanisa, nga alumba abantu, nga alumba zi bizinensi, nga alumba ebibuga, n'amasomero n'amaka; Ai Katonda, tuyambe tuyimirire, tusowoleyo ekitala mu bwangu obw'ekitalo tulwane ku lwa Katonda, nga Musa ne—n'Abaleevi bwe baakola edda eri ekibi bwe kyali mu lusiisira. Tuyambe, ayi Mukama.

264 Kaakano tusonyiwe, era otuwe omukisa. Era otukuume nga tuli beetowaze, tumenye, ayi Mukama. Ai Katonda, Wagamba nti, "Oyo agenda, nga asiga mu maziga, awatali kubuusabuusa alikomawo nate, nga ajaguza, nga aleeta ebinywa." Ai Katonda tumenyemenye. Ddamu otubumbe, bupya, ayi Mukama. Tuvudde nnyo mu kkubo.

265 Nze, kennyini, ayi Mukama, ntuuse mu mbeera nga ndowooza ku bameka abanaabeera mu lukuŋŋaana lwange. Ayi Katonda, njagala Ggwe aba alubeeramu. Jangu, ayi Mukama! Ai Kristo, jangu Mukama! Mmenyaamenya; omumbe buggya. Ai Mukama, tokkiriza, tonzikirizanga kuddamu kulowooza bintu nga ebyo. Ai Katonda, bikuumire wala okuva we ndi.

266 Nnyamba, ayi Mukama, okubuulira, nga bwe nnagambye, gye buvuddeko, nga omuntu afa eri abantu abafa, nga tumanyi nti ffenna tuteekwa okweŋŋanga Obutaggwaawo. Tuteekwa okuyimirira mu maaso Go; nga toli mu ngeri Yo esanyusa, nga Tolina kusaasira, nga Oyimiridde nga tolina kusaasira; bw'Oliyimirira, n'obusungu, okusalira amawanga omusango n'abantu abaagaana era abaagirira ekyejo okwagala kw'Omwana Wo.

267 Ayi Katonda, mpa nsange okusaasira okuva gy'Ali leero, ku Lunaku luli nsobole okuyimirira nga ndi mukakafu. Kyandinneetaagisa okukaaba n'okulaajana, naye amaziga ago Oligasangula, n'ogafuula essanyu, mu kiseera kiri, bw'oligamba nti, "Yingira mu ssanyu lya Mukama, eryakutegekerwa okuva ku kutondebwa kw'ensi." Ayi Katonda, kaakano beera naffe, era otuyambe, tusabye, mu Linnya lya Yesu. Amiina.

54-0509 Okulumbibwa Kw'Eggwanga Ly'Amerika
mu Kkuŋŋaaniro lya Branham
e Jeffersonville, Indiana Amerika

LUGANDA

©2024 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS

P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.

www.branham.org